As'habul Kahfi Media

دور المرأة المسلمة في الإسلام

OBUVUNAANYIZIBWA BW'OMUKYALA OMUSIRAAMU ERI OBUSIRAAMU

As'habul Kahfi Media Publications

دور المرأة المسلمة في الإسلام

OBUVUNAANYIZIBWA BW'OMUKYALA OMUSIRAAMU ERI OBUSIRAAMU

As'habul Kahfi Media Publications

As'habul Kahfi Media

EBIRI MU KITABO

ENNYANJULA.....4

OKUTANDIKA: 5

OMUKYALA ASOBOLA OKUBEERA OMULABE W'OBUSIRAAMU OBA OMUWAGIZI WABWO.....7

EBY'OKULABILAKO BYA BA MUJĀHIDAH OKUVA MU BAKAZI ABATUKULEMBERA ABALONGOOFU (AS-SALAF AS-SWĀLIHAAT)..... 12

Umm 'Ammārah, Nusaybah Bint Ka'b Al-Māziniyyah Al-Ansāriyyah 14

Umm Sulaym bint Milhān al-Ansāriyyah.....18

Swafiyyah Bint Abdul-Muttwalib, Ssenga wa Nabbi (SAW).....19

Umm Salamah, Asmā Bint Yazīd Bin As-Sakan - Kizibwe wa Mu'ādh Bin Jabal (Allāh asiime ku bombiri).....21

Umm Mūsā, Al-Lakhamiyyāh, Mukyala wa Nusayr Al-Lakhamī – Kitaawe wa Mūsā Bin Nusayr Mujāhid eyawangula Al-Andalusl (Spain) 22

Umm Hakīm Bint Al-Hārith, Mukyala wa 'Ikrimah bint Abī Jahl (ra).....23

Umm Harām bint Milhān al-Ansāriyyah.....24

Omukyala Ow'emisipi Ebiri, Asmā' Bint Abī Bakr As-Siddīq (Allāh Asiime Ku Bombiriri).25

Umm Sa'd Bin Mu'ādh.....26

Muādhah Bint Abdillāh.....27

'Afra Bint 'Ubayd Bin Tha'labah 28

Al-Khansā' 28

EBY'OKULABIRAKO BYA BA MUJĀHIDĀT OKUVA MU BAKYALA B'OMULEMBE GUNO 31

Hawā' Barāyev 31

Umm 'Umar Al-Makkiyyah 32

Umm Surāqah 33

Umm Ghandafar 33

OKUFUNZA EBYO BYE TUKWAGALAMU ERA BYE TUKUSUUBIRAMU MWANNYIZE OW'EKITIIBWA 35

ENGERI OMUKYALA GY'ASOBOLA OKUTUUKIRIZAAMU OBUVUNAANYIZIBWA BWE ERI OBUSIRAAMU 40

Obuvunaayizibwa bw'Omukyala mu Battlefield 41

Obuvunaayizibwa bw'Omukyala Wabweru wa Battlefield 41

ENNYANJULA

Ubādah bin Sāmit (Allāh asiime ku ye) yagamba, nti Nabbi (sallallahu 'alayhi wassallam) yagamba: **"Shaheed aweebwa ebirabo musanvu okuva eri Allāh: 1) Asonyibwa ku ttondo ly'omusaayi gwe erisooka okugwa wansi. 2) Alaba ekifo kye mu Jannah. 3) Ayambazibwa**

ebyambalo bya Imān. 4) Tatukibwako bibonerezo by'omu ntaana. 5) Tajja kutuukibwako entisa y'Olunaku Lw'enkomerero. 6) Engule y'ekitiibwa ejja kwambazibwa ku mutwe gwe. 7) Ajja kuwolereza abantu 70 mu b'ennganda ze." [Musnad Ahmad, Tabranī, at-Targheeb wa at-Tarheeb, p. 443, vol.2]

OKUTANDIKA:

Mwannyinaze Omusiraamu Ow'ekitiibwa,

Mazima ddala olina obuvunaanyizibwa obukulu ennyo era nga bwa kitiibwa. Era oteekeddwa okusituka otuukirize obuvunaanyizibwa bwo obw'etteeka mu lutalo luno olwa ggulwaawo amawanga gonna mu nsi ku Busiraamu n'Abasiraamu. Ngenda kugamba mu mpapula zino, era nja kuwanvuya bye'ngenda okukugamba kulw'obukulu bw'ensonga eno – enkulu ennyo eyetaagisa n'empapula ezikubisaamu zino emirundi nkumu. Nabw'ekityo, wuliriza bulungi nnyo. N'saba Allāh (Subhāna wa Ta'āla) akukuume era akutaase.

Mu butuufu, Ummah ensaanji zino ebonaabona mungeri nyinji nnyo ez'okuswazibwa n'okukkakanyizibwa.Embeera gye yali temanyiddeko ddala mu mirembe ejasooka, era nga teyasasana nga bw'ekiri kati.Obunyoomofu buno tebuvudde kukubeera nti Abasiraamu batono (obungi bwa bwe) oba nti Obusiraamu bwaavu – kubanga kati Abasiraamu bangi nnyo nnyo okusinga emirembe egyasooka.Era nga bw'ekiri kati nti Ummah elina eby'obugagga n'ebikozesebwa abalabe baayo bye batalina.Ekibuuzo ekye'buzibwa; Nsoga ki eviiriddeko obunyoomofu buno awamu n'okukkakanyizibwa Ummah bw'ebonaabona babwo ennaku zinno, mu kiseera we butalina bwetaavu bwa ssente yadde abantu?

Tugamba nti ensonga eyo yatukoonerwako dda Nabbi waffe (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) mu kigambo kye (hadith) ekisangibwa mu Ahmad ne Abū Dāwūd, okuva ku Thawbān, Allāh asiime kuyye, eyagamba: **"Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) yagamba, 'Abantu bajja kutuuka ekiseera bakunngane okubalumba nga bw'olaba abantu bweba kunngana ku kijjulo!' Omu n'abuuza, 'Ekyo kin'ava ku kubeera nti ennamba yaffe eribera ntono mu kiseera ekyo?' Naddamu (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), 'Nedda, mujja kubeera bangi mu kiseera ekyo, naye mujja kubeera nga ejjovu nga eryo elibeera ku mazzi ga mukoka, era Allāh ajja kuggya okutya mu mitima gy'abalabe bamwe era ateeke Al-**

Wahani mu mitima gyamwe.' Omuntu omu n'abuuza, 'Owange Omubaka wa Allāh, Al-Wahani kye kki?' N'addamu (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) nti, 'Okwagala obulamu bw'ensi n'okukyaawa (okutya) okufa'" era mu njogera endala mu kitabo kya Ahmad, **"Obukyaayi bwamwe eri okulwana (Jihād)"** [Sunan Abū Dāwūd #3745; Musnad al-Imām Ahmad #8356]

Era kuno kwe kuddamu ekibuuzo ekyo ekizibu era ekitategeerekeka.Omubaka waffe (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) y'akiddamu nga tekinabeerawo emyaka egisukka mu 1400.Era ekirwadde ekyasanyaawo Ummah kwekwagala edduniya n'okukyaawa okufa. Era Abasiraamu kasita batandika okuganza edduniya n'okukyaawa okufa, ekitendo Allāh (Subhāna wa Ta'āla) kye Yatenda nakyo Abayudaaya (Jews) mu Kigambo Kye;

وَلَتَجِدَنَّهُمْ أَحْرَصَ ٱلنَّاسِ عَلَىٰ حَيَاةٍ وَمِنَ ٱلَّذِينَ أَشْرَكُواْ يَوَدُّ أَحَدُهُمْ لَوْ يُعَمَّرُ أَلْفَ سَنَةٍ

"Ojja kubasanga (Abayudaya) nga mazima be basinga abantu bonna okululunkanira obulamu , n'okusingaabo Abashiriku. Buli omu mu bo ayagala singa awangala emyaka lukumi…." (Al-Baqarah: 96)

- ne kituuka okubeera nga kikakafu kubbo (Abasiraamu bo mulembe guno). Era ekigambo "**obulamu**" wano (mu aya eyo waggulu) ky'ajja nga kigazi nyo (mu makulu ga kyo), amakulu nga kitegeeza obulamu obw'ekika kyonna, oba obulamu obwa wansi era nga bunyomoofu, oba obulamu bw'ensolo, oba obw'ebiwuka – ekikulu kiri nti bulamu. Bw'etyo Ummah yenyweereza era n'egoberera obulamu obwa wansi obutagisaanira yadde eddini yaayo (Obusiraamu)…Olwo lwonna lwa kwagala dduniya eno n'okukyaawa okufa.

Era enkomerero (eteewalika) ey'ava mu kwagala kwaffe okw'edduniya wamu n'okukyaawa okufa oba okulwana, kw'okusuulilira n'okuleka Jihād.Nga bangi nnyo mu Basiraamu naddala abakyala – balowooza nti kkubo lya kufa (awatali kubuusabuusa kwonna), wamu n'okufiirwa edduniya yabwe.Nabwekityo, Abasiraamu bwe basulilira Jihād, abalabe babwe nebafuna obuyinza n'amaanyi ku Ummah n'Obusiraamu olwo obunyomoofu n'okuswaala okw'ekitalo ne bijituukako. Era ekigambo ky'Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) ekisangibwa mu Ahmad ne Abū Dāwūd nga kijjibwa ku Ibn 'Umar, Allāh asiime ku bombiri, nekituukirira. Yagamba (Ibn 'Umar); "Nawulira Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), ng'agamba: 'Bwe mulitandika okusuubula (eby'obusuubuzi) ne Al-Inah (kika kya Riba), n'okugoberera emikira gy'ente, era ne muleka Al-Jihād mu Kkubo Lya Allāh, olwo Allāh ajja kubabutikira (kubabikka) n'obunyomoofu Bw'atajja kubaggirawo paka nga muzze ku ddini yamwe." [SunanAbū Dāwūd #3003; Sunan Al-Bayhaqī #10484]. Era mu njogera ya Ahmad,

“Bwe muna goberera emikira gy’ente ne mutunda n’ebintu eri omuntu ku bbeeyi eya waggulu ate ne mubigula ku bbeeyi eya wansi, ne muleka ne Jihād mu Kkubo Lya Allāh, Allāh ajja kubassaako obunyomoofu. Era Ttajja ku bubaggyako paka nga mumaze kuddakw’ekyo kye mwaliko oluberyeberye, era ne mwenenya eri Allāh” [Musnad al-Imām Ahmad #5304]

Era okusiinzira ku ahadith ezogeddwako waggulu, kitegeerekeka bulungi nnyo eri omusomi w’ebigambo bino nti ekirwadde Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) k’yekennenya era n’atulabula ku kyo, si kilala okujjako Al-Wahani (okwagala edduniya n’okukyaawa okufa). N’ebyo byonna ebiva mu kirwadde kino bitegeerekeka bulungi gyoli, era nga bwe bunyomoofu obututusibwako amawanga g’ensi yonna – omuli abasinza ente n’amayinja, era nga tewerabidde abo abasinza omusaalaba n’amasabo (ziyeekaalo – temples).

Era bwe tuddayo ku ahadith ezimenyeddwa waggulu, tutegeera nti okuwona obunyomoofu n’okukkakanyizibwa kuno eddagala liri limu lyokka – nakwo kw’okudda ku Jihād wamu n’okwagala ennyo okulwana mu Kkubo Lya Allāh (Subhāna wa Ta’āla), wamu n’okwesaamba edduniya n’ebyo kwewunda byayo.

OMUKYALA ASOBOLA OKUBEERA OMULABE W’OBUSIRAAMU OBA OMUWAGIZI WABWO

Oluvannyuma lw’okukakasa n’okumatira nti mubutuufu Jihād ly’eddagala Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) lye yatutegeeza okubeera nga Ummah esobola okuva munsobi eno, ogenda okwesanga nga tukyalemeddwa, paka kati, okukolera n’okutambulira ku bukakafu buno. N’olwekyo, okusobola okutandika okukolera ku ntegeera eyo (Jihād mu Kkubo Lya Allāh), kitukakatako okubeera nga tusooka okunoonyereza enkonge eziziyizza awamu n’okulemesa Ibadaah ya Jihād eri omuntu kinn’omu. Era ensibuko (emilandira) gy’enkonge zino za kunnganyizibwa mu aya emu esangibwa mu Surah At-Taubah, era nga ky’ekigambo kya Allāh (Subhāna wa Ta’āla);

قُلْ إِنْ كَانَ آبَاؤُكُمْ وَأَبْنَاؤُكُمْ وَإِخْوَانُكُمْ وَأَزْوَاجُكُمْ وَعَشِيرَتُكُمْ وَأَمْوَالٌ اقْتَرَفْتُمُوهَا وَتِجَارَةٌ تَخْشَوْنَ كَسَادَهَا وَمَسَاكِنُ تَرْضَوْنَهَا أَحَبَّ إِلَيْكُمْ مِنَ اللَّهِ وَرَسُولِهِ وَجِهَادٍ فِي سَبِيلِهِ فَتَرَبَّصُوا حَتَّى يَأْتِيَ اللَّهُ بِأَمْرِهِ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ

[7]

“Gamba nti: Bwe babeera nga bakitammwe, ne batabani bammwe, ne baganda bammwe, ne bakyala bammwe, n’aboluganda lwammwe, n’emmali gye mukoze ne mufuna, n’ebyokusuubula bye mutya okudiba, n’amayumba ge mweyagaliramu – (Bwe biba nga ebyo) bye bisinga okwagalwa gye muli okusinga Allāh n’Omubaka We n’okulwana mu Kkubo Lye: Kale mulindirire okutuusa Allāh lw’anaaleeta ekiragiro Kye, ne Allāh talunngamya kibiina ky’abooonoonyi”(At-Tawbah: 24)

Gino nno gy’emilandira gy’enkonge eziziyiza Jihād era muggyo mwe muva amatabi g’ensonga oba enkonge endala nkuyaanja. Era okwekkenneenya butya bwetuyinza okwewala oba okujjawo enkonge ezo (ezimenyeddwa mu aya eyo waggulu) obutassukkuluma ku kwagala kwaffe eri Allāh (Subhāna wa Ta’āla), Omubaka We (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) ne Jihād mu Kkubo Lye – ky’ekigere oba step esookera ddala gye tuteekeddwa okutuukako n’okwenywerezako nga n’ekinyusi kya byo kwe kubeera nga Okwagala Allāh (Subhāna wa Ta’āla), Omubaka We (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) ne Jihād mu Kkubo Lye bya tteeka gye tuli era nti bya waggulu nnyo okusinga ebintu ebirala byonna. Nabw’ekityo, bwe tunaaba tutuuse kuntegeera eyo, kiba kyatteeka gye tuli okubeera nga tuddira obukakafu obwo ne tubussa munkola (okubulagira mu bikolwa byaffe) nti mazima ddala Okwagala Allāh (Subhāna wa Ta’āla), Omubaka We (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) ne Jihād mu Kkubo Lye bya waggulu nnyo era bya bbeeyi nnyo kukwagala kw’ebyegombebwa era eby’ekiseera obuseera. Kino nno kye kijja okuwaliriza Abasiraamu okwewaayo (emyoyo gyabwe, emmali yabwe, ebiseera, amagezi, abaana, emirimu – jobs, n’ebirala nga bbyo) ku lw’ekitiibwa ky’Obusiraamu n’Abasiraamu – na’bwekityo okweggyako ekirwadde kya Al-Wahani. Oluvannyuma amawanga g’abakaafiiri (nabo bennyini) tebaggya kuddamu kukakkanya yadde okwefuga Ummah oluvannyuma lw’okukimanya nti Ummah eno erina abasajja n’abakyala abagala ennyo okufa mungeri y’emu nga bbo (abakaafiiri) gye bagalamu obulamu. Era nti Ummah eno erina abasuubuzi abeteefuteefu (awatali kwekunya kwonna) okuwaayo eby’obugagga bya bwe ku lw’obuwanguzi bw’eddini eno – okufaanaganako nga Abū Bakr As-Siddīq, Allāh assime ku yye, bwe yakola. Era nti Ummah eno erina abakyala (ba Maama n’abakyala) abatasobolerako ddala kweyagala yadde okusanyuka mu bulamu buno nga batabani babwe ne bba babwe (wamu ne ba nninyabwe) tebannaba kufuluma okugenda mu Jihād okulwanyisa abalabe b’eddini ya Nabbi Muhammad (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama). Singa embeera eno, n’endala ezigifaanagana, etuukibwako – Insha’Allāh – abalabe ba Allāh Ta’alah bajja kwerowooza emirundi egisoba mu lukumi nga tebannaba kwetantala kunyiza yadde okulyazaamaanya Ummah eno ne bannannyi yo.

Mu mpapula zino tetugenda kunonyereza na kwetegereza enkonge zonna ezimenyeddwa , naye tujja kwetegereza emu yokka gye tulaba nti mubutuufu Ummah eteekeddwa okujijjawo

amaangu ddala oluberyeberye lw'ensonga zonna endala.Era nga n'enkonge eyo y'omukyala nga yeyolesa (mu kifaananyi) nga maama (omuzadde - mother), omukyala (wife), omwana w'obuwala (daughter) oba mwannyinaze (sister).Bonna bagwa mu aya eyo gye tulabye enyinyonnyola enkonge eziziyiza Jihād.Era okunonyereza kwaffe ku nsonga eno (omukyala okubeera enkonge eziyiza Jihād) si gwemulundi ogusoose, naye tujja kusigala nga tumubulira mu mpapula zino nga tumugamba nti y'omu ku nkonge ezi kyasinze obunene n'obuzito mu kuziyiza obuwanguzi n'ekitiibwa ky'Obusiraamu.Mu kiseera ky'ekimu, ekyennyume (opposite) ky'embeera eyo tugamba nti, mazima ddala omukyala y'omu (y'emu) ku ntobo oba emisingi egy'amaanyi era ensonga enkulu ennyo mu buwanguzi bw'Obusiraamu – ku kakwakkulizo k'okubeera nti atuukiriza obuvunaanyizibwa bwe n'obuzira wamu n'okwewaayo okujjuvu.Era mu mpapula zino tugenda kumuweereza ebimu ku byafaayo bya teekeddwa okufuula eby'okulabilako gy'ali a'wamu n'okugobeerera (mu bulamu/buwangaazi bwe bwonna) Obusiraamu bulyooke butuuke ku buwanguzi.

Era n'ensonga lwaki tukuwandikidde gwe omukyala mu mpapula zino ku lw'okuba kimanyiddwa nti, singa omukyala abeera amatidde (n'akakasa) ekintu kyonna, y'omu ku nsonga ezi kyasinze okusindikiriza n'okuwa amaanyi wamu n'obunyweevu okubeera nga ekintu ekyo oba ensonga eyo bajituukiriza oba okujimaliriza.Mu kiseera ky'ekimu singa omukyala abeera awakanyizza ensonga yonna, abeera nkonge y'amaanyi nnyo eri abasajja okubeera nga bajituukako.Embeera eyo bwetyo bwebeera naddala singa omukyala ono abeera Maama oba Jajja – oyo gwe twalagirwa mu Shari'ah okubeera nga tumuwuliriza, okumugondeera wamu n'okumusanyusa (obutamunakuwaza).

Nga bw'ekiri nti omukyala gwemusingi gwa buli musajja era nga yalabilira ekimera (omwana) paka omubiri gwa kyo lwe gufuuka ogwamaanyi, kisaanidde era nga kitukakatako okubeera nga twolekeza ebigambo bino gy'ali.Nga omulamwa oba ekigendererwa kya byo kumukubiriza atuukirize obuvunaanyizibwa bwe obukulu mu lutalo luno wakati w'Obusiraamu n'amawanga g'abakaafiiri awatali kugayaala kwonna.Ebbanga omukyala ly'amala nga yesambye wamu n'okwewala okwetaba mu lutalo luno – nadda ebbali (ne yewalula) oba natafaayo kwetaba mu kw'ongera abalwaanyi (ba Mujāhidīn) obumalirivu n'obuzira – eyo nno y'ejja okubeera ensonga oba ekigere (step) ekisookera ddala mu kkubo ly'obuwanguzi n'okufiirwa.Era ekyo kyennyini ky'ekituuse ku Ummah yaffe leero.

Obusiraamu tebwali buwanguzi (mu mirembe egy'emabega nga bw'amaanyi) ku mawanga g'abakaafiiri ab'ali babusinza amaanyi, ennamba y'abantu wamu n'ebyobugagga – okuggyako abakyala lwe batuukirizanga obuvunaanyizibwa bwaabwe. Kubanga omukyala (maama) y'akuza ezadde lye ku musingi gwa Jihād, era y'akuuma (omukyala) ekitiibwa n'emmali ya bbawe nga afulumye okugenda mu Jihād, era mukiseera ky'ekimu y'agumya n'anyweeza omwami we wamu n'abaana be okusigala nga ba ky'atambulira ku kkubo eryo. Takoma awo kubanga era yagumiikiriza singa batabani be oba bbawe babeera tebakomyewo (nga batiddwa nga bajulizi – Shuhada). Ky'ovolaba nti enjogera egamba nti 'emabega wabuli musajja owamanyi ebaayo omukyala' y'ali ntuufu ku bakazi b'emirembe egyo.Tusobola okugamba nti 'Emabega wabuli mujāhid omuzira waliyo omukyala'. Abakyala bano bali ba tegeera bulungi nnyo obuvunaanyizibwa bwabwe, era baling Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) bwe yabannyonnyolako mu hadith esangibwa mu Ahmad ne Tirmidhī, nti lumu, **"Umar yabuuza Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), 'Owange gw'Omubaka wa Allāh! Bya bugagga ki byetuteekeddwa okunoonya (munsi eno)?'N'amuddamu, 'Kiri gy'oli okunoonya omutima ogwebaza, olulimi olumalira ebiseera byonna mu kujjukira Allāh, n'omukyala an'akunyweeza ku nsonga y'obulamu bw'Enkomerero (Aakhirah).** [Sunan Ibn Mājah #1846; As-Silsilah As-Sahīhah #2176; Sahīh al-Jāmi' #5231]

Naye abakyala b'omulembe gwaffe, tugambe ki? Era kiki kye tuyinza okubatenda nakyo? Era ebyettanirwa byabwe n'ebyetaago byabwe by'ebiriwa? Ddala waliwo engeri yonna gye bayambamu ba bba babwe ku nsonga ya Aakhirah? (Okujjako okubasaba kino na kiri mu by'okwewuunda by'edduniya – TV, amasimu ag'ebbeyi, engatto, engoye, ebizigo by'olususu, okubazimbira amayumba, okubatandikirawo zi buzinesi…Inna lillahi wa inna illaihi rājioun!!!). Yye balina kyonna kye bategeera oba kye bamanyi ku lutalo olukakali olugenda mumaaso wakati w'Obusiraamu n'Obukaafiiri? Yye go amawanga amakaafiiri bagamanyi? Yye basobola okwawula wakati w'OMusiraamu n'Omukaafiiri? Yye balina kye bamanyi ku mbeera y'Abasiraamu mu bitundu ebirala ng'oggyeko ab'ennganda zaabwe! Oba Basiraamu abali mu makomera ne Safe House za Fir'awna Kaguta!? Mu butuufu tebalina kye bamanyi, era nga butamanyaki obwo? Bw'obutamanya bwa buli kintu okuggyako okugoberera emisoono emipya, emizannyo gy'oku televizoni, ebbaluwa z'oku radio, n'ebilala ebibifaanana.Ojja kwesanga nga, abasiinga obungi mubbo, babbinkidde mu bikolwa n'embeera eza haraam. Era kituuse ne kuddala ly'okubeera nga besigamiddwako mu kusasaanya obwonoonefu. Abalabe b'Obusiraamu baba kozesa okulwanyisa n'okuvvola Ummah n'eddini yayo mu nsi yonna naddala mu mawanga g'Obusiraamu. Oluvannyuma lw'okubeera nga tw'ali tubasuubira okubaako ne kye bakola mu kaweefube w'okuzimba olukomera okuzibira Ummah, bugenze okukya ng'ate tuli mu kutuuyana kiro na

misana okubaziyiza obutasaanyawo Ummah. Era abalabe b'Obusiraamu okussa essira ku nteekateeka z'okutongoza (freedom) omukyala – Women Emancipation – bazitandikawo oluvannyumma lw'okukizuula nti abakyala be balabirizi era empagi enkulu mu Ummah. Bw'abeera mwonoonefu, ezadde lye nalyo liggya kubeera lyonoonefu wamu naabo bonna abamwetoolodde. Na'bwekityo, Abakaafiiri ne bamweyaambisa (era ne bamukozesa) mungeri esiinga okuba ey'obulabe ennyo, ng'ate yye bwa wubisibwa ssako n'okuzikirira.

Owange gwe omuzaana wa Allāh (Subhāna wa Ta'āla), singa obutamanya bwo (ku kubeera wo kw'olutalo luno) bw'ali bukosa gwe wekka, ensonga yandibadde nyangu kubanga twandigambye nti abasajja webali okujjuliriza eddibu eryo. Naye leero bw'onaba tolina ky'omanyi ku kubeerawo kw'olutalo luno oba ok'olwe'teekerateekera, Ummah yonna eggya kubeera ky'ekimu (amakulu nga temanyi era nga teyeteeseteese). Ani agenda okulera n'okukuza abavubuka abana lulwana? Y'ani agenda okuyimirira emabega w'abasajja (okubawagira) okugenda benngange abalabe mu lutalo luno? Era ani ana teekateeka ba maama b'emirembe (emyaka) egiggya okubera nga basigala ku kkubo lino? Okuddamu ebibuzo nga bino n'ebilala nkumu nga byo, kitulaga ekintu kimu, era nga nakyo kye ky'okubeera nti omukyala nsonga nkulu nnyo mu lutalo luno. Era ateekeddwa okulwetabamu n'obusobozibwe bwonna wamu n'okwagala kwe kwonna. Kino tekitegeeza nti olwo olutalo luggya kuba nga lukomekkerezebwa, wabula omukyala okulwetabamu kibalibwa nga empagi mu mpagi enyingi eziviirako obuwanguzi wamu ne Jihād okusigala nga ekyatambula.

N'olwekyo, olina okukimanya, owange gwe mwannyinaze, nti obuvunaanyizibwa n'omulimu gwo munene era muzito okusinga gwe bw'olowooza. Gwe aviiriddeko emitawana egisinga obungi mu Umma wamu n'okuwangulwa kwaayo ku mulembe guno. Oba oli'awo singa watuukiriza obuvunaanyizibwa bwo, Ummah teyandituuse ku bunyomoofu bw'eriko kati.Era mpozzi oyinza okugamba nti, "Lwaki n'etikka obuvunaanyizibwa buno bwonna?" Tugamba, nti kubanga obuvunaanyizibwa (omulimu) bwo bwe buteekeddwa okukulembera emilimu oba obuvunaanyizibwa obulala bwona, era singa buba tebutuukirizbwa mu butuufu bwa bwo, olwo kiggya kuba kizibu nnyo okufuna akalungi konna mu milimu emilala gyonna egiddirila. Tewali kubuusabuusa kwonna ku nsonga eyo kubanga ekifo ekisookera ddala omwana mw'akulira – gy'emikono gyo. Era bw'avubuka – aggya kuba nga awuliriza gwe wekka ku lw'engiri gy'akwagalamu. Nabwekityo, bw'otomusigemu kwagala Allāh (Subhāna wa Ta'āla), Omubaka We (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) ne Jihād mu Kkubo Lye mu buto bwe, teriiyo muntu yenna agenda kubimuteekamu ng'akuze – okujjako nga aggya kusanga obutagambika. Mu

butuufu, ekimera kiri mu makkati g'emikono gyo, nga kigonvu era nga kiwewufu (amakulu nga tekinnaba ku kakanyala yadde okukaluba). N'olwekyo, mwannyinaze, tuukiriza obuvunaanyizibwa bwo era ojja kulaba ebibala eby'ebbeyi ebinavaamu mu myaka egitassuka amakumi abiri – Insha'Allāh.

Era okulaga obukulu bw'omulimu gwo era nga bwe buvunaanyizibwa bwo mu lutalo olukambwe ennyo olugenda mu maaso wakati w'amadini g'obukaafiiri n'eddini y'Obusiraamu – naddala mu bulumbaganyi buno (Crusade) amawanga gonna mu nsi mwe gegatidde okulumba Obusiraamu n'Abasiraamu nga gakulembeddwa Amerika) – kitukakatako okubeera nga tukujjukiza ak'amu kububonero (empisa n'enkola) bw'obuvunaanyizibwa bwo obwa yolesebwa obulungi ennyo ba Mujāhidāt b'emirembe Obusiraamu mwe bwali obw'amaanyi (Islāmi Golden Age). Era tolowooza nti eby'okulabilako bye tugenda okukulaga eby'abakyala Abasiraamu bano byebyo byokka eby'ebbeyi bye b'ali oba bye b'alina (mu mpisa, obuvumu, okwewaayo, obugumiikiriza, n'ebilala ebibifaanana). Wabula katundu butundu ku bulamu obw'ebbeyi era obwakayakana obwa ba Maama ba bazira, bannyina b'abazira, wamu ne bakyala babwe. Era singa Abasiraamu b'omulembe guno balina omwoyo gw'okwewaayo, obuvumu, obumalirivu, amazima (Swidiq), wamu n'okwagala Obusiraamu ogw'ali mubakazi abo abatukulembera (Salaf), Obusiraamu bwandibadde buwanguzi – Insha'Allāh.

EBY'OKULABILAKO BYA BA MUJĀHIDAH OKUVA MU BAKAZI ABATUKULEMBERA ABALONGOOFU (AS-SALAF AS-SWĀLIHAAT)

Era tusuubira nti ojja kutwala engero zino ze tukuleetedde nga eby'okulabilako era obigoberere, Mwannyinaze ow'ekitiibwa, olyoke otuuke ku kusaasira n'ekitiibwa bye baatukako wamu n'Obusiraamu mu mirembe gya bwe. Ekifaananyi ky'oteekeddwa okugoberera (role model), mwannyinaze, si kya ba malaaya, abayimbi, ba model n'abalala nga bbo.Era bw'oba nga oyagala kumanya ki ky'oli, olwonno tunulira era wetegereze ani gw'otwala nga ekifaananyi ky'ogoberera

(role model/ example). Era bw'oba nga oyagala kumanya embeera Ummah gy'elimu, wetegereze b'ani abakyala baayo (Ummah) be batwala nga eby'okulabilako ebigobererwa. Bw'ekiba nti ba tunulira era bagoberera ba Mujāhidah abanyweevu, abazira, abamazima, abakozi ba Ibadāt, aba gumiikiriza, era aba seenguka ku lwa Allāh (Subhāna wa Ta'āla) – Hijrah, kitegeeza nti Ummah mpanguzi. Naye bwe kibeera nti ba tunulidde era nti bagoberera abakyala abakaba, abenzi, abayimbi, abazzany b'emizannyo (TV soaps) ne zi firimu, banna byabufuzi, abakaafiiri n'abashiriku, abo ababuza abantu era nga bambazi b'enkunamyo – mazima Ummah eri mu kufiirwa n'obunyomoofu obutagambika! Era, mu butuufu, kino kye nnyini kye tulaba enaku zino. Tusaba Allāh (Subhāna wa Ta'āla) atusonyiwe era atukuume!

Abakyala b'atandika okugenda n'okubeera mu ddwaaniro (battlefield) mu kyasa eky'asooka eky'Obusiraamu, si lwa kubanga ennamba (omuwendo) y'abasajja y'ali ga ntono mubiseera ebyo, wabula, ku lw'okwagala okungi ennyo kwe balina okufuna empeera nga kw'otadde n'obwagazi bwe balina nga okwewaayo mu Kkubo lya Allāh. Kino kinnyonnyofu mu kyafaayo Imām Ahmad kye yatutegeeza okuva ku Hashraj bin Ziyād Al-Ashja`I, okuva ku Jajja we omukyala, Umm Abīhī ey'agamba nti: "Nnafuluma n'Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) ku lutalo lwe Khaybar, era nga n'ali wa mukaaga (6th) ku bakazi mukaaga (6). Kino bwe kyatuuka eri Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), nti y'alina abakyala mu ggye lye, yatutumya era n'agamba (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), 'Ki eky'abafulumizza (okugenda mu lutalo)? Era mwafulumidde ku kilagiro (command) ky'ani?' Ne tumugamba, 'Twafulumye tuweereze obusaale wamu n'amazzi eri abalwanyi, era tulina ne byetuyinza okukozesa okujjanjaba abafunye ebiwundu wamu ne wuzi za ppamba era n'okuyamba nga tukozesa ebyo byonna ku lwa Allāh (Subhāna wa Ta'āla).' Omubaka (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), n'agamba, 'Musituke mugende.'Allāh (Subhāna wa Ta'āla) bwe y'atuwa obuwanguzi e Khaybar, Omubaka (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) y'atuwa omugabo gwe gumu nga gwe y'awa abasajja.Ne ngamba, 'Owange Jajja, y'abawa ki?' n'anziramu nti, 'Ntende.'"

Mungeri y'emu engeri gye bayagalamu Jihād n'okwewaayo ku lw'Eddini eno, okwagala okw'amazima nga tekulimu bunnaanfuusi, kwa bamuwaliliriza okusaba (mu lwaatu) olukusa okwetaba mu Jihād okuva eri Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) nga bwe ky'awandikibwa mu Al-Bukhārī ne Sunan An-Nisā'ī, ekigambo kya Ā'ishah (Allāh asiime ku ye): **"Nagamba, 'Owange Omubaka wa Allāh! Lwaki tetufuluma ne tulwana n'awe, kubanga si laba kikolwa (Ibādah) mu Qur'ān kisinga Jihād?'N'agamba, 'Nedda, wabula Jihād esinga obulungi (eri abakyala) ye Hajj etuukiridde (ekiriziddwa).'"** [Sunan An-Nisā'ī #2581]. Mu

ngjogera ya Ahmad ne Al-Bukhārī yagamba (Swallallāhu ʻalayhi was-Sallama): **"Nedda, Jihād yammwe abakyala ye Hajj etuukiridde (ekirizibbwa), ku mmwe eyo Jihād."** [Al-Bukhārī #1423, #2576 ne #1728; Musnad Al-Imām Ahmad #23357]

Era mu ku geraageranya ku mbeera ya abakyala abo ba Salaf, abo abasaba nga Jihād ebeere nga abalaalikibwako ku lw'okwagala kwe b'alina eri Obusiraamu, twesanga nga abakyala b'enaku zino begomba era nga bayoya nti singa etteeka lya Allāh (Subhāna wa Ta'āla): **"Mulaalikiddwako okulwana …"** [Surat Al-Baqarah: 216] teryassibwa, naddala singa akizuula nti mutabani we, oba kitaawe oba bbaawe ajja kwanukula okukowoola [Surat Al-Anfal: 24] kwa Allāh (Subhāna wa Ta'āla) era agende ku lwa Allāh (Subhāna wa Ta'āla) okusobola okutaasa n'okuzibira Eddiini eno. Era enjawulo eno enneene ennyo wakati w'abakyala abayita n'aba leero butereevu erina obukosefu bw'amaanyi nnyo ku mbeera ya Ummah. Kubanga abakyala ba Salaf bazaala abasajja aba kkakanya era ne bafuga amawanga gonna amakaafiiri, naye aba leero bazaala abasajja abafugibwa abasinza ente, amayinja, emiti, omusaalaba n'amasabo. Ne batuuka n'okubasasula Jizyah (amakulu emisolo egya buli kika nga VAT, PAYE, zi layisinsi, Pamiti, OTT, busuulu, Pasipooti ne viza, ne gasiya wabwe omulala yenna) nga beewaddeyo, bagonvu era nga basiimu mu bunyomoofu obutagambika – *Laa Hawla wa laa Quwatta illa billah!*

Eky'okulabilako ekigobererwa ekisooka kye tugenda ok'obuulira, mwannyinaze ow'ekitiibwa olyoke osobole okupima omwoyo gwo n'ebikolwa byo – Ibādah ku bibye nga ebikolwa byo tebinnaba kupimibwa (ku Aakhirah), mazima mukazi muzira era w'amaanyi nnyo. Era nga n'obuzito bwe baba basajja lukumi n'okusingawo. Era singa abakyala Abasiraamu b'ali kimu kya kkumi (1/10) ky'ekyo ky'ali oba okusingako awo obutono, tetwa'li fiiridwa kyaffe kyonna yadde ekitiibwa kyaffe okibeera nga kityoboolwa. Yye Mujāhidah omuzira;-

UMM 'AMMĀRAH, NUSAYBAH BINT KA'B AL-MĀZINIYYAH AL-ANSĀRIYYAH

Kya yogerwa/kyawandiikibwa mu byafaayo bye (biography) mu Siyar A'lām An-Nubalā' [2/278], "Umm `Ammārah yajulira (yaliwo) ku kiro kya (endagaano ya) Al-Aqabah, era n'olutalo lwe Uhud, (endagaano ya) Al-Hudaybiyah, olunaku (olutalo) lwa Hunayn, olunaku (olutalo) lwa Al-Yamāmah, era yalwana n'akola n'ebyewuunyisa, era omukono gwe gwa temwako mu Jihād."Era Al-Wāqidī yagamba, "Yalwana mu lutalo lwe Uhud wamu ne bbaawe, Ghaziyyah bin 'Amir, wamu ne batabani be babiri.Yagabiranga abalwanyi amazzi n'ekisawo kye eky'amazzi ekyaali kyakolebwa mu ddiba; yalaga obuvumu bwa kika kya waggulu nnyo, era yatusibwaako ebisago bya mirundi 12. Damrah bin Sa'īd al-Māzinī yayogera ku Jajjaawe ono nti mu lutalo lwe Uhud, "Nnawulira Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), nga

agamba, ‘Mazima ddala eddala lya Nusaybah Bint Ka’b leero lisinga erya gundi ne gundi ne gundi ne gundi.’” Era yalabibwa ku lunaku olwo nga alwana nnyo nnyo, era y’ali asibidde (anywezezza) olugoye lwe mu kiwato kye paka lwe yatuusibwaako ebisago ebisoba mu 12, era yagamba nga, ‘Mazima ddala n’ali ntunulidde Ibn Qami’ah’, bwe y’ali (omukaafiiri ono) nga atema ekibegabega kye. Era ky’ekiwundu kye yasingayo okufuna nga yakijjanjjabira omwaka mulamba. Oluvannyuma (lwa lutalo lwa Uhud) omukowooze w’Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama), yalagira (ba mujāhidīn) bagende e Hamrā Al-Asad, Umm `Ammārah n’alyoka anyweeza olugoye lwe, naye teyasobola kugenda olw’omusaayi omungi ogw’ali gutiirika okuva mu bisago bye, tusaba Allāh amusiime era amusaasire.”

Umm `Ammārah yagamba, “Nnalaba nga abantu bavudde ku Mubaka wa Allāh, (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) (ngatalina bamukuuma) okujjako ekibinja ky’abantu kumi, era nze ne batabani bange ababiri wamu ne bba wange tw’ali tumulinanye, nga tuziyiza abalabe okumutuukako, era Abasiraamu bali bamuyitako nga bawanguddwa. Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama), yandaba nga sirina ngabo, bweyalaba omusajja nga adduka ayitawo n’engabo ky’ava amugamba, ‘Weereza engabo yo eri oyo alwana!’ Omusajja kye y’ava ajisuula, nenjilonda, era ne ntadika okukuuma Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) nayo. Era abalabe ab’ali ku mbalaasi batukola ebintu bingi, naye singa b’ali kubigere nga ffe, twandibasaanyizzaawo, Insha’Allāh.Omusajja yajja ng’ali ku mbalaasi era n’atandika okunkuba, ne mmweziyizzaako n’engabo okuba nga talina kyasobola kukola. Bwe yakyuka ne nkuba embalaasi ye emabega w’ekiambi kyaayo omusajja n’agwa ku mugongo gwe, Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama), natandika okuwoggana, ‘Owange gwe mutabani wa Umm ‘Umārah! Maama wo, Maama wo!’”N’agamba (Umm ‘Umārah), “Olwo (mutabani wange) n’anyamba ku musajja ono paka lwe yafa.”

Abdullāh bin Zayd – mutabani wa Umm ‘Umārah, yagamba: “Nafuna ekiwundu ku lunaku olwo, era n’omusaayi nga tegulekeeraawo okutiirika. Olwo Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama), n’agamba, ‘Siba ekiwundu kyo.’ Maama wange n’ajja gyendi n’ekigoye ky’omu kiwato. Yasiba ekiwundu kyange nga Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) ayimiridde, n’agamba (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama), ‘Situka mutabani wange okube abantu!’Oluvannyuma n’agamba, ‘Ani ayinza okugumira ebyo by’ogumidde, Owange gwe Umm ‘Umārah?’” Umm `Ammārah yagamba, “Oyo eya kuba mutabani wange yasembera, olwo Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) n’agamba, ‘Oyo yeya kubye mutabani wo!’ N’agamba (Umm ‘Umārah), ‘Olwo ne nyimirira mu maaso ge ne mukuba ku kisaambi,

n'agwa wansi nga azirise. Nendaba Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), nga aseka paka lwe nalaba n'amagegoge, era n'agamba, 'Omaze okukola okuwoolera kwo, Umm 'Umārah!' Olwo ne tumukuba n'ebyokulwanyisa byaffe paka lwe twamumaliriza, olwo Nabbi, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'agamba, 'Amatendo ga Allāh akufudde omuwanguzi.'"

Era Abdallāh bin Zayd bin `Āsim yagamba, "Naliwo ku Uhud, era abantu bwe badduka ku mubaka wa Allāh, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), najja wey'ali, era mmange nange ne tumukuuma, olwo n'agamba (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), 'Mutabani wa Umm 'Umārah?' Ne ngamba, 'Wanji.' N'agamba, 'Kanyuga!' Olwo nga mulinaanye, ne nkanyuga ekiyinja eri omusajja ey'ali ku mbalaasi, ne nkuba eriso ly'ayo.Embalaasi yawunga ne gwa wamu ney'ali ajivuga. Olwo nentandika okukanyuga amayinja eri omusajja ey'ali mu maaso ge era nga Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) bw'aseka, era natunulira ekibegabega kya maama wange era n'agamba, 'Maama wo, Maama wo! Siba ekiwundu kye! Ayi Allāh, bafuule bannange mu Jannah!' Ne ngamba, 'Sifayo ki ekinaantukako mu nsi eno.'"

Okuva ku Muhammad bin Yahyā bin Hibbān, eyagamba, "Umm `Ammārah yatusibwako ebiwundu 12 ku Uhud, era omukono gwe gwa temwaako ku lunako lwa Al-Yamāmah, era ku lunaku lwe lumu yafuna ebisago 11 ku mukono gwe, era yakomawo e Madīnah ng'alina ebisago. Abū Bakr, Allāh asiime ku yye, yamulaba era nga ye y'ali Khalīfah.Yagenda gy'ali okumubuuza ku mbeera yye. Era mutabani we, Habīb bin Zayd bin `Āsim y'oyo Musaylamah – Omulimba gwe yasalasalamu ebitundutundu, era mutabani omulala, Abdullāh bin zayd Al-Māzunī y'oyo eya yogera hadith ya Wudhu y'Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama). Era ye yatta Musaylamah – Omulimba n'ekitala kye.Yattibwa ku lunaku lwa Al-Hurrah."

Mu kitabo ekiyitibwa Sifat As-Safwah [2/63] Umm `Ammārah yayogerwaako nti 'Umar bin Al-Khattāb, Allāh assime ku yye, yagamba okuva ku Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), nti yagamba (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), "Saatunulanga ku kkono oba ku ddyo ku lunaku lwa Uhud okujjako nga namulabanga alwanira mumaaso gange."

Era Umm `Ammārah yayogerwaako mu Al-Isābah [4/418] mu byafaayo bye, "Al-Wāqidī yagamba nti Nusaybah bint Ka'b bweyawulira okuttibwa kwa mutabani we, Habīb bin Zayd, eyali attibwa Musaylamah, yalayira eri Allāh nti ajja kufa oluberyberye lwa Musaylamah oba si ekyo ajja kumutta. Nabw'ekityo, yalwana mu lutalo lwe Al-Yamāmah ne Khālid bin Al-Walīd, Allāh asiime ku yye, era y'ali ne mutabani we, Abdullāh, Allāh asiime ku yye. Musaylamah yattibwa era Umm `Ammārah yafirwa (yatemwaako) omukono gwe mu lutalo olwo."

Ibn Hishām yagamba mu kitabo kye Ziyādah, okuva ku Umm Sa'd bin Sa'd bin Ar-Rabī, nti yagamba "Nagenda ewa Umm 'Umārah, ne ngamba, 'Owange Ssenga, nyumiza!' [Umm 'Umārah] n'agamba 'Nafuluma – nga ategeeza ku lunaku lwa Uhud – era nalina ekisawo ky'amazzi nga kya ddiba, era netutuuka ku Mubaka wa Allāh, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), ng'ali ne ba Swahābah era ng'obuwanguzi bw'ali bw'Abasiraamu. Naye Abasiraamu bwe bawangulwa nagenda eri Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) ne malilira okulwana n'okukuuma Omubaka wa Allāh, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), n'ekitala, era nakanyuganga n'omutego gw'akasaale, paka lwe nafuna ebisago.'"

Umm Sa'd bin Sa'd bin Ar-Rabī yagamba, "Nalaba ekibegabega kye nga kiliko ekituli era nga waliwo engeri y'ekinnya. Ne ngamba, 'Ani yakutema awo?' N'agamba, 'Ibn Qami'ah.'"

Ibn Hajar yagamab nti: "Umm `Ammārah yajulira (y'omu kubaliwo) okuwera (Bay'ah) kwa Aqabah era naye yawera eri Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama). Yalwana mu lutalo lwa Uhud, Hudaybiyah ne Khaybar.Era yetaba ne mu 'Umrat al-Qadā. Era yaliwo ku kuwamba ekibuga kya Makkah (Fat'ul Makkah) era yalwana mu ntalo za Hunayn ne Yamaamah." [Al-Isaabah, Vol 4 p. 457.]

Tusaba Allāh (Subhāna wa Ta'āla) asiime Umm 'Ammārah era amusanyuse! Tumusaba e Jjana okubeera obuddo bwe era amufuule eky'okulabirako ekigobererwa eri ba maama baffe, bannyina ffe, abakyala baffe ne bawala baffe!

Y'oyo Mujāhidahomuvumu, Umm 'Ammārah. Era mazima ddala! Ani y'ali ayinza okugumira ebyo Umm `Ammārah bye yagumira? Abasajja tebasobola kwenkana obunyweevu bwe n'obugumiikiriza bwe ku Mubaka wa Allāh, (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), butya abakyala? Naye ebbanga ly'anamala nga kye ky'okulabilako kyo, Owange gwe mwannyinaze ow'ekitiibwa, obuvumu bwe, okwewaayo kwe, obunyweevu bwe wamu n'obugumiikiriza bwe ku kkubo lino, olwo ojja kubeera owangudde – Insha'Allāh.

Era eri gwe, mwannyinaze, kye ky'okulabilako ekitegeerekeka obulungi ennyo era nga kyolesa okwewaayo kw'omukyala wamu n'amaanyi g'omutima gwe ku lw'obuwanguzi bw'Eddini ya Allāh (Subhāna wa Ta'āla).Yeteeka mu buzibu n'ayingira eddwaniro era ne yeteekateeka

okulwanyisa abasajja abakaafiiri – ebyo byonna yabikola ku lw'okwagala okw'amazima kwe y'alina eri Eddini eno n'obuwanguzi bw'Obusiraamu. Era eky'okulabilako ekyo eky'ebbeyi yye:

UMM SULAYM BINT MILHĀN AL-ANSĀRIYYAH

Ba nnabyafaayo (historians) bayawukana nnyo ku mannya ge gennyini. Abamu baagamba nti erinnya lye lyaali Sahlah, abalala baagamba nti Rumaylah, abalala nti lye Rumaythah, abalala ne bagamba nti lye Maleekah so ate abalala baagamba nti lye Ghumaysaa' oba Rumaysaah'. Oba olyaawo okwawuka kuno, ku linnya lye ettuufu, ky'ava ku kubeera nti erinnya lye eppaatiike (nickname) erya Umm Sulaym lya yatikirira nnyo.Umm Sulaym bwe yasiramuka (era y'omu ku bantu abasookera ddala okusiramuka e Madeenah) amangu ddala yayawukana ne bba, Maalik ibn Nadr eyali omukaafiiri era eyali agaanye okusiramuka.Oluvannyuma Abū Talhah al-Ansaari yajja yamusaba okubeera nga amuwasa. Naye yali akyaali mukaafiiri, olwo Umm Sulaym kwe kumugamba nti, "Nnasiamuka era saagala mahare gonna okujjako gwe okubeera ng'osiramuka!" Era tewayita banga ddene, Abū Talhah n'asiramuka.Olwo Umm Sulaym n'agamba mutabani we Anas (yye Swahaabah Anas bun Maalek – Allāh asiime ku yye), eyali tannaba kuvubuka nti, abeere nga amugaba ewa Abū Talhah, era Nikah n'egenda mu maaso. Era omukyala ono aliko ekyafaayo ekimanyikibbwa obulungi (mu bufunze – baalina mutabani wabwe nga mwana muto n'afuna obulwadde, Allāh n'amujjulula nga kitaawe Abū Talhah agenze mu Jihād, Umm Sulaym yaziyiza abantu b'amaka ge okubeerako kye bagamba bbaawe nga akomyewo. Era Abū Talhah bwe yadda, Umm Sulaym n'amutegekera eby'okulya n'abirya bulungi … nga ekyafaayo ekyo bwe kisomesebwa – kino si ky'ekifo kyaakyo). Era ng'ojjeko amaka g'abakyala be, Omubaka wa Allāh tewali maka malala gonna ge yakyalangamu okujjako aga Umm Sulaym (mwe baaberanga ne muganda we Umm Haraam bint Milhan)

Yayogerwaako mu kitabo Hayaat As-Swahaabah [1/597] ne mu kitabo ekilala Sifat As-Safwah [2/66] nti yayingira (omulundi ogwasooka) eddwaniro ku lunaku (olutalo) lwa Hunayn, okubeera nga yewaayo (obulamu bwe) eri Eddiini ya Allāh (Subhāna wa Ta'āla), era yali alina ekyambe ekimpi (dagger). Abū Talhah (Allāh asiime ku yye), ku lunaku olwo, yajja ew'Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) ngaaseka olw'embeera ya Umm Sulaym (Allāh asiime ku yye). Yagamba, "Owange Omubaka wa Allāh!Tolaba nti Umm Sulaym alina ekyambe?" Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) kwekubuuza Umm Sulaym nti, "Ogenda kukikozesaaki, owange Umm Sulaym?" Naamuddamu, "Njagala nkifumise oyo yenna (omulabe) anansemberera."Era mu njogera endala, (Umm Sulaym) yagamba, "Singa omuntu yenna muba Mushrikiin anansemberera; nja kukijjayo mubaage olubuto lwe." Olwo Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) naatandika okuseka.

Wano nno, mwannyinaze Mujaahidah, waliwo eky'okulabirako ekilala ekiraga amaanyi g'omutima getwetaaga mu bakazi Abasiraamu mu mulembe guno, era tetulowooza nti mazima ddala omusajja ayinza okudduka (n'okwesamba) Jihād awamu n'obutabeera n'obuvumu bw'aba nga akimanyi nti emabega we waliyo omukyala (gamba nga maama, mwannyina, ssenga, jjaja omukyala, oba mukyala we) ng'ono. Era n'eky'okulabilako ekyo eky'ekitiibwa ennyo ye;-

SWAFIYYAH BINT ABDUL-MUTTWALIB, SSENGA WA NABBI (SAW)

Yasooka ku fumbirwa al-Hārith ibn Umayyah eyali muganda wa Abū Sufyān naye teyamuzaalamu mwana yenna. Bwe yafa, n'afumbirwa Al-'Awwam ibn Khuwaylid eyali mwannyina wa Khadeejah mukyala wa Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) – mu nsi ne mu Jjana. Yamuzaalamu abavubuka babiri Az-Zubair ne As-Sā'ib. Kitaabwe bwe yafa, Swafiyyah yanyikira nnyo okubeera nga aleera bamulekwa abo mu ngeri entuufu naddala omuto (Az-Zubair).Era buli lwe yadda nga ewaka nga atoma olw'abaana banne okumuyiikiriza nnyina ng'amuvumirira nnyo, ng'afuna w'amusiba nga alyooka amukuba kibooko. Era lumu omu ku balamu be yayitawo mu mbeera eyo, n'amusaba abeera ow'ekisa eri mulekwa oyo. Yamuddamu nti yali ayagala mutabani we afuuke omusajja: omusajja eyali tawangulikika era omuzibu okwennganga, omusajja eyali tajja kwewaayo eri ekitonde kya Allāh kyonna.

Yayogerwaako mu kitabo ekiyitibwa Al-Isaabah [7/744] nti yagamba, "Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) bwe yafuluma okugenda ku Al-Khandaq (ku lutalo lwa Al-Ahzaab), abakyala yabaleka mu kigo ekyaali kiyitibwa Faari, era n'aleka Hassaan Bin Thaabit nga yaali nabo." Swafiyyah yagenda mu maaso n'agamba, "Omusajja Omuyudaaya (Jew) yajja n'awalampa ekigo paka lwe yatuuka we twaali olwo ne ngamba Hassaan, 'Genda omutte!' (Hassaan) yanziramu nti, 'Singa ekyo (eky'okusobola okutta) mbadde nkirina nandibadde n'Omubaka wa Allāh' – kubanga y'ali musajja mukadde." Swafiyyah agenda mu maaso naagamba, "Olwo nennebikkirira, nenfuna enkondo, ne nzikirira wansi okuva mu kigo ne ngenda eri omusajja oyo. Ne mukubisa enkondo eyo paka lwe namutta era ne musalako omutwe.Oluvannyuma ne ngamba Hassaan, 'Yimirira okanyuge omutwe gwo omuyudaaya oyo eri abayudaaya banne nga bakyaali wansi w'ekigo!' Naanziramu, 'Wallahi, ekyo nedda!'" Swafiyyah naagenda mu maaso nga anyumya, "Olwo ne nkwata omutwe gw'omuyudaayo oyo ne ngukanyugira banne, olwo ne bagamba, 'Twabadde tukimanyi nti yabadde (Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama)) tasobola kuleka abantu be bokka na bokka (nga tebalina basajja ababakuuma)! Olwo abayudaaya abo ne balyooka bagenda'" Era nga ye mukazi

eyasookera ddala okutta omusajja okuva muba mushrikiin. Ekyafaayo kino kya yogerwa Ibn Sa'd okuva ku Abū Salamah.

Ate ku ky'okukubiriza abasajja okubeera nga balwana – fi Sabeelillah, teyalagajjala yadde okugayaala ku nsonga eyo ng'abakubiriza n'olulimi lwe. Era teyakomanga kwaabo bokka abasigaliranga emabega; wabula yakubirizaanga n'abo abaalinga tebawangudde abalabe baabwe. Era okukubiriza kuno yakukolanga nga yeyambisa ebiyungo bye.

Ekyafaayo ekilala mu Al-Isaabah nga kiva ku Hammād okuva ku Hishām okuva ku kitaawe, nti; Swafiyyah (Allāh asiime ku yye) yajja ku lunaku (Olutalo) lw'e Uhud nga Abasiraamu bafeebye. Yalina effumu lye lye yakozesanga okubakuba mu byenyi byaabwe.Olwo Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) kye y'ava agamba nti, "Owange gwe Zubair omusajja!"

Ate bwo obugumiikiriza bwe mu biseera ebizibu awamu n'okumatira kwe (ku kugera kwa Allāh), y'ali lusozi lwa maanyi nnyo. Mu Isābahmu Siirah mu kyafaayo ekyayogerwa Yūnus bin Bukayr eyagamba, "Hamzah yattibwa, Swafiyyah bint Abdul-Muttwalib n'ajja okulaba mwannyina. Az-Zubair n'amusisinkana (nga tannatuuka) n'amugamba, 'Owange Maama, Omubaka wa Allāh akulagidde oddeyo!'Swafiyyah n'amuddamu, 'Lwaki, nga kimaze okuntuukako nti batugumbudde mwannyinaze? Ekyo (eky'okuttibwa kwa Hamzah) kibaddewo ku lwa Allāh, n'olw'ekyo kiki ekigenda okutusanyusa okusinga ekyo? Nja kuba n'obugumiikiriza era nja kuba mumativu, Insha'Allāh' Olwo Zubair n'agenda n'abulira Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama). Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'agamba, 'Muleke (akole ky'ayagala).'Swafiyyah n'agenda ewaali Hamzah n'asaba Allāh amusonyiwe.Oluvannyuma ekiragiro kyajja nti azikibwe."

Era ye mukazi Omusiraamu eyasookera ddala okutta omukaafiiri!

Era na kino kyakulabilako ekiteekeddwa okubeera nga kigobererwa n'okujjibwaako, mwannyinaze mu Busiraamu; Era mu butuufu ddi abakyala baffe lwe bali tuuka ku ddala ly'abakyala bano mu kwewaayo (lillāh) n'obuvumu? (Kya nnaku nnyo era nga kya buswaavu nyo okubeera nga abamu n'edduniya ekyabakalubiridde okubeera nga mugita mu mazima – Wala Hawla walaa Quwata illa billah!) Eky'okulabilako kino ye;-

UMM SALAMAH, ASMĀ BINT YAZĪD BIN AS-SAKAN - KIZIBWE WA MU'ĀDH BIN JABAL (ALLĀH ASIIME KU BOMBIRI)

Yayogerwaako mu kitabo kya Siyar A'lām An-Nubalā' [2/297] nti, "Y'omu kuba Mujāhidat (okuva mubakyala ba Ansaar – banna Madeenah) abasookera ddala okuwera (Bay'ah) eri Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), n'abalala okwali muganda we Hawā' bint Yazīd Ansaariyah, Umm Sa'd bin Mu'āth ne Kabthah bint Rāfi. Era yatta aba Rooma (Romans) mwenda (9) ku lutalo lw'e Yarmouk ng'akozesa enkondo ya weema (tent) mwe yali."

Era omukyala ono y'omu eyaviirako okussa kwa aya eri mu Suurat al-Baqarah (228) kubanga oluberyeberye tewaliwo nkola ya Iddat eri omukyala eyalinga ayawukanye ne bbaawe, naye Umm Salamah Asmā' bint Yazīd bwe yayawukana ne bbaawe, aya eyo n'essibwa, era nga egamba bw'eti;

وَالْمُطَلَّقَاتُ يَتَرَبَّصْنَ بِأَنْفُسِهِنَّ ثَلَاثَةَ قُرُوءٍ

"N'abakyala abateereddwa balindirira ku lwabwe (nga tebannafumbirwa basajja balala) okumala okutukula entukula ssatu ….." (Al-Baqarah: 228)

Era y'ali mukyala mugumiikiriza nnyo era nga y'ali yebaza nnyo Omulezi we mu buli mbeera yonna. Ku lutalo lw'e Uhud; kitaawe – Yazīd bin Sakan, mwannyina – 'Ameer bin Yazīd bin Sakan ne kitaawe omuto – Ziyād bin Sakan (Allāh abasiime) bonna battibwa. Amawulire ago bwegaamutuukako, yabuza bubuuza ku mawulire (embeera) agaali gafa ku Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama). Era oluvannyuma lw'okumwerabilako ye kennyini ng'adda, ne yebaza Allāh (Subhāna wa Ta'āla) n'agamba: "Kasita ye (Nabbi) abeera nga ali bulungi, emitawana n'ebizibu byonna ebilala biba tebikyalina makulu gonna, era n'ebizibu ebisinga obunene bibadde n'obukosefu butono nnyo."

Era ku b'ennganda ze banno, Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) yagamba nti bonna kitaawe, kitaawe omuto ne mwannyina) baali basisinkanidde mu Jjanah era nga baali bakkiriziddwa okuwolereza abantu baabwe - Okusinzira ku bujulizi okuva mu ahadith ez'enjawulo ng'eno: Nimran bin Utbah yagamba nti twagenda okukyalirako Umm al-Dardaa era nga twaali bamulekwa. N'atugamba (Umm al-Dardaa) nti: "Musanyuke! Nawulira bba wange Abu al-Dardaa ng'agamba; "Omubaka wa Allāh yagamba: "Shaheed ajja kuwolereza ab'oluganda be nsaanvu (70)"" [Abū Dāwūd, Ibn Hibbān ne al-Bayhaqī].

Omukyala ono era y'omu kw'abo abaaliwo (abajulira) ku kukola Endagaano ya Hudaibiyah, era nga y'omu ku ba Swahaaba/Swahaabiyyah abawera wansi w'omuti (soma Suurat al-Fat'h: 18) nga baawera okufa Fi Sabeelillah era okuwera kuno kwa kyafaayo nnyo mu byafaayo by'eddini eno ey'ekitiibwa era nga ku manyikiddwa nga Bai'at Ridhwān (e Hudaibiya).

Era nga muba Mujāhidāt b'oteekeddwa okutwala nga eky'okulabirako, mwannyinaze, naddala ku nsonga ekwatagana n'obuyambi bwo eri Eddiini awamu n'okutaasa Abasiraamu, y'omuzira;-

UMM MŪSĀ, AL-LAKHAMIYYĀH, MUKYALA WA NUSAYR AL-LAKHAMĪ – KITAAWE WA MŪSĀ BIN NUSAYR MUJĀHID EYAWANGULA AL-ANDALUSI (SPAIN)

Mu kitabo ekiyitibwa Al-Isābah [4/501] kigambibwa nti yalwana mu lutalo lwa Yarmuk wamu ne bbaawe. Era ku lunaku olwo yatta omukaafiiri era n'atwaala n'ebintu bye (nga eminyago). Abdul-Azīz Bin Marwān yamubuuza ku kyafaayo ekyo, era yakinnyonnyola n'amugamba bwaati; "Twaali mu kabinja k'abakyala, abasajja (ba mujāhideen) bwe baali bakola olulumba, ne ndaba omukaafiiri nga akulula omusajja OMusiraamu. Olwo n'enfuna enkondo okuva mu weema ennene, ne mutuukirira, ne mubetentula omutwe gwe nga nkozesa enkondo eyo! Oluvannyuma nentandika okumujjako eminyago era ba mujāhideen ne banyambako okubitwaala."

Wano wenkubuuliza ku lwa Allāh (Subhāna wa Ta'āla), mwannyinaze ow'ekitiibwa, mirundi emeka gy'olabye ebifaananyi bya bannyoko – oba nga bafu, oba nga batuusiddwaako ebisago, oba nga bawangangusiddwa, oba nga bawambiddwa? Ddala wali olowoozezzaako ku kubayamba n'ekyo kyonna ky'osobola okubeera nga obasitulako obuzito n'obuzibu obubeera bubatuuseeko? Gwe tolaba Umm Mūsā kye yakola nga alabye embeera eyo bw'etyo omulundi gumu gwokka?Wallahi yali tasobola kusigala ng'atudde, amangu ddala yesogga eddwaniro n'enkondo (nga ekyokulwanyisa kye!!!), so ng'ate omulabe gwe yali agenda okwengannga yali alina ekitala awamu n'ebyokulwanyisa ebilala ate nga yali musajja! Gwe olowooza kiki ekyamuwaliriza okukola bwaatyo, ekitali Ghiirah (ebbuba) ye ku Ddiini eno? Gwe ebbuba lyo ku ddiini eno liriwa? Oba ebbuba lyo ly'erikuwaliriza okumma ba Mujāhideen eby'obuggagga byo? Oba ebbuba lyo ly'erikusindika okuziyiza n'okulemeza mutabani wo oba bbaawo okubeera nga agenda mu makubo ga Allāh – Jihād Fi Sabeelillah?

Era gy'oli, mwannyinaze Omusiraamu, eky'okulabirako ekilala;-

UMM HAKĪM BINT AL-HĀRITH, MUKYALA WA 'IKRIMAH BINT ABĪ JAHL (RA)

Engeri gye yanywerera ku buzito obwatuuka ku bba, byonna ku lwa Jihād;

Kya wndiikibwa mu Al-Isābah [4/443], "Nti yafuluma ne bba, 'Ikrimah, okugenda okulwanyisa aba Rooma (Romans).Bba yattibwa olwo Khālid bin Sā'id Al-'As naamuwasa. Ensonga ya Maraj As-Sufu bweyatuuka Khālid yayagala atuukirize obufuumbo bwaabwe. Umm Hakīm n'amugamba, 'Leka tulindeko okutuusa Allāh lwaanabawangula (abalabe).'Khālid n'amuddamu, 'Nafs yange engamba nti ngenda kuttibwa.'Umm Hakīm n'akkiriza, era ekifo ekyo (mwe baali) kyatuumibwa erinnya lye – Umm Hakīm."

"Oluvannyuma Khālid yazuukuka era mukyala we oyo n'amutegekera eby'okulya.Baali bakamala okulya abalabe (Romans) ne bakola olulumba sinziggu, era okulwana ne kutandikirawo awo naawo, era Khālid y'omu kubattibwa mu kulwana okwo.Umm Hakīm yanweeza engoye ze n'afuluma (atandike okulwana) era nga mu kiseera ekyo yali akyawunya obuwoowo.Okulwana okwaali okw'amaanyi ennyo kwagenda mumaaso nga balwanira ku mugga.Umm Hakīm yalwana kw'olwo n'atta abalabe musaanvu (7) nga akozesa enkondo ya weema ye ne bbaawe – Khālid – mwe batuukiriza obufumbo bwaabwe."

Era ono (wammanga), mwannyinaze mu Busiraamu, kya kulabirako nnyo gy'oli.Ekyafaayo kye kikukubiriza okwagala Jihād nga ba Swahābiyāt bwe bajaagala awamu n'okugilulunkanira.Era mu ky'okulabirako kino mulimu eky'okuyiga gy'oli, kubanga wala ki abakyala b'omulembe guno gye balaze mu kwesamba n'okutamwa/okukyaawa Jihād? Oba kumpi ki we bali mu kukyaawa n'okutamwa Ibādah eno ey'ekitiibwa? Tewaliwo kintu kyonna ekibatuusizzaku mbeera eyo embi ennyo okujjako obutaba naImaan – amakulu nkendeevu nnyo ate abasing obungi yadde akatono ennyo tebakalina era tebagala nakumanya! Kubanga singa okwagala Allāh n'Omubaka We (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) kwaali waggulu wa buli kimu, olwo abakyala b'omulembe guno bandibadde nga;-

UMM HARĀM BINT MILHĀN AL-ANSĀRIYYAH

Ono ye muganda wa Umm Sulaym – nnyina wa Anas bin Mālik. Bannyina ababiri, Harām bin Milhān ne Saleem bin Milhān (Allāh asiime ku bombiriri) balwana mu ntalo za Badr ne Uhud. Bbaawe yali ‘Amr bin Qais bin Zaid ate mutabani we yali Qais bin ‘Amr bin Qais (Allāh asiime ku bombiriri) – bano bombiriri bebamu ku ba Swahāba abaali okumpi ennyo ne Nabbi (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) era nga battibwa mu lutalo lw’e Badr. Oluvannyuma lw’okufa kwa bba, yawasibwa ‘Obādah bin Sāmit (Allāh asiime ku yye) eyali omudumizi owatikirivu ennyo mu ggye ly’Obusiraamu. Era mu bufumbo buno yazalamu omutabani, Muhammad bin ‘Obādah bin Sāmit (Allāh asiime ku yye).

Ekyafaayo mu Al-Isābah [4/441] kigamba, “Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) yagamba ng’ali mu nnyumba ya Umm Harām bint Milhān – nga azuukuse oluvannyuma lw’okuwujjaala oluvannyuma lw’esswala ya Adh-Dhur ng’aseka n’agamba; ‘Abamu ku bantu okuva mu Ummah yange bandagiddwa, nga balwanyi mu kkubo lya Allāh. Babadde ku maato era nga balinga bakabaka abatudde ku nnamulondo zaabwe.’ Umm Harām naagamba (ng’anyumya), ‘Olwo n’engamba, ‘Owange Omubaka wa Allāh, saba Allāh anfuule omu kubbo! Olwo n’ansabira n’awummuza omutwe gwe neyebaka. Oluvannyuma n’azuukuka ng’aseka.’ Umm Harām n’agenda mumaaso n’agamba, ‘Olwo ne mubuuza, ‘Kiki ekikusesa, Owange Omubaka wa Allāh?’ N’amuddamu, ‘Abantu mu Ummah yange bandagiddwa, nga balwanyi mu Kkubo Lya Allāh’, nga bwe yagamba omulundi ogwasooka. Umm Harām n’agamba, ‘Nengamba, ‘Owange Omubaka wa Allāh, saba Allāh anfuule omu ku bbo.’ N’agamba (Nabbi (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama), ‘Oli mu kibinja ekyasoose.’ Umm Harām bint Milhān yagenda ku mazzi (ennyanja ya Mediterranean Sea nga balumbye ekizinga kya Cyprus) n’agwira ekifuba kye nga badda ku lukalu n’afa (Allāh asiime ku yye).

Ibn al-Athīr yagamba, “Olufuluma olwo lwe lwo olwawangula Cyprus, era yaziikibwa eyo. Omuduumizi w’egye eryo y’ali Mu’āwiyyah bin Abū Sufyān (Allāh asiime ku bombiri) ku mulembe (Khilaafah) gwa Amiir-ul Mu’mineen Uthmān ibn Affan al-Umawi (Allāh asiime ku ye), mu mwaka 27H.”

Oyo, mwannyinaze ow’ekitiibwa, ye Umm Harām. Teyali musanyufu mu mbeera y’obunyomoofu, wabula yayagala nnyo era n’alubirira nnyo okubeera omu kwaabo abayambuka enttiko y’Obusiraamu esingira ddala (Jihād Fi Sabeelillah). Ku lw’ensonga eyo yasaba Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) amusabire abeere mu balwanyi abali mu Kkubo lya Allāh. Era okwegayirira kwe (Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) abeere nga

amusabirako) n'okusaba kwe tekwaali kwa nsonga ndala yonna okujjako omutima gwe okubeera nga gwaali gubimbye Okwagala Allāh, Omubaka We (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) ne Jihād mu Kkubo Lye, embeera eyamulaga engeri obulamu bw'ensi enyo gye bwaali obwa layisi ennyo (mu kugerageranya). Tusaba Allāh amusaasire era amuwe amaka mu Jannah Ye engazi ennyo.

Era gy'oli, mwannyinze, ky'ekyokulbirako mu bugumiikiriza bw'abakyala wamu n'okukubiriza kwaabwe eri batabani baabwe okugenda okulwana mu Kkubo lya Allāh, era ono ye;-

OMUKYALA OW'EMISIPI EBIRI, ASMĀ' BINT ABĪ BAKR AS-SIDDĪQ (ALLĀH ASIIME KU BOMBIRIRI)

Yayogerwaako ekyafaayo mu Siyār A'lām An-Nubalā [2/293-295]; "Urwah yagamba, 'Nagenda eri maama (Asmā' bint Abī Bakr As-Siddīq (Allāh asiime ku ye)) nga ndi ne muganda wange (Abdullāh bin Az-Zubayr) ennaku 10 nga tannaba kuttibwa, era maama yali mu bulumi. Abdullāh n'agamba, 'Oli otya?' Maama n'amuddamu nti, 'Ndi mu bulumi.' Abdullāh n'amugamba, 'Mazima ddala waliwo emireembe mu kufa.' Maama n'amuddamu, 'Kyandiba nti oyoya okufa kwange, n'olw'ekyo tokikola.' Era n'aseka. Oluvannyuma n'agamba, 'Ndayira Allāh, saagala kufa okutuusa nga wamaze okutuukawo emu ku nkomerero ez'emirundi ebiri – (amakulu mu kulwanyisa kwa mutabani we Abdullāh nga alwanyisa al-Hajjaaj) – oba nti ottibwa ne nsigala nga ndi mugumiikiriza oluvannyuma lw'okufaakwo, oba nti ofuna obuwanguzi amaaso gange ne gafuna essanyu. Era beera mwegendereza nnyo okukkiriza enteekateeka (pulaani) gy'otakkiriziganya nayo olw'okuba nti okyawa (okutya) okufa.' Urwah yagamba, 'Muganda wange (Abdullāh ibn Az-Zubayr) mu bigambo bye ebyasooka y'ali ategeeza nti singa attibwa kyandi nakuwazizza nnyo maama engeri gye y'ali awezezza emyaka ekikumi (100).'"

Ibn Umar (Allāh asiime ku bombiriri) bwe yajja okukubagiza Asmā' olw'okuttibwa kwa mutabani we (Abdullāh ibn Az-Zubayr), yamusanga mu kasonda k'omuzigiti era nga mu kiseera ekyo mutabani we y'ali okomereddwa ku musaalaba. Ibn Umar yakutama gyaali n'amugamba, 'Mazima ddala emibiri gino tegirina kyegiri, naye emyoyo giri ne Allāh. N'olw'ekyo tya Allāh era beera mugumiikiriza.' Asmā' n'amuddamu, 'Nga kiki ekinngaana (okubeera omugumiikiriza) nga omutwe gwa Yahya Ibn Zakariyyah (alaihi ssalaam) gwa weebwa ng'ekirabo eri omu ku bamalaaya b'omu ba Banī Isrā'il."

Asmā' (Allāh amusaasire era asiime ku ye) yekubagiza n'embeera enzibu eyatuuka ku Nabbi wa Allāh, Yahya (alaihi ssalaam), olwo ekizibu kye (eky'okuttibwa kwa mutabani we) ne kimufuukira ekyangu kubanga Eddiini ya Allāh yali nganzi nnyo gyali okusinga mutabani we. N'olw'ekyo bwe yajjukira ekyatuuka ku Yahya – Nabbi wa Allāh – eyali ow'ekitiibwa ennyo mu maaso ga Allāh okusinga mutabani we, okufiirwa kwe kwamufuukira kwangu nnyo (okubeera nga agumiikiriza).

Era gy'oli, mwannyinaze ow'ekitiibwa, ky'eky'okulabirako ky'omukyala eya kulembeza okubeera obulungi okwa Nabbi (Swallallāhu ʻalayhi was-Sallama) ku buli kintu kyonna, yadde nga mutabani we yali attiddwa, kubanga yali akimanyi n'obukakafu obujjuvu nti Eddiini ya Allāh yali tejja kukosebwa olw'okufa kwa mutabani we wabula ekyaali kisobola okugikosa kwe kufa kw'Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ʻalayhi was-Sallama);-

UMM SA'D BIN MU'ĀDH

Mu At-Tārikh Al-Islāmi [2/246], Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ʻalayhi was-Sallama) bwe yadda mu Madiinah oluvannyuma lw'olutalo lwa Uhud, buli omu mu Madiinah yafuluma okujja okubabuuza n'okubuuza ku mbeera yaabwe. Omu kw'abo abajja (okubuuza) yali Umm Sa'd bin Mu'ādh (nnyina w'omukulembeze wa ba Ansaar - Sa'd bin Mu'ādh). Yali atambulira ku nfalaasi yamutabani we (Sa'd) era nga Sa'd yeyali akutte emiguwa gyaayo. Sa'd n'agamba, 'Owange Omubaka wa Allāh, (ono ye) maama wange.' Nabbi (Swallallāhu ʻalayhi was-Sallama) n'amwaniriza. Bwe yatuuka okumpi ne Nabbi (Swallallāhu ʻalayhi was-Sallama), Nabbi (Swallallāhu ʻalayhi was-Sallama) n'amukubagiza okuttibwa kwa mutabani we, `Amr bin Mu'ādh. Umm Sa'd n'amuddamu, 'Kasita nkulabye ng'oli mirembe, kati okufiirwa kwange kufuuse kwangu.' Oluvannyuma Omubaka wa Allāh yamusabira n'amugamba, 'Ssanyuka, era wereza amawulire ag'essanyu eri abenganda zaabwe nti abafu baabwe bonna bajja kubeera bannaabwe mu Jannah, era bona bawolerezza ab'engada zaabwe.''

Era ono Sahaabiyyah omulala atafaayo, ku kufiirwa - omuntu we- kwe kubeera obulungi okw'Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ʻalayhi was-Sallama), okwawukanako n'abakyala b'ennaku zino – abatakaaba okujjako olw'ab'enganda zaabwe n'abagalwa baabwe. Era tebafiirayo ddala ku ki ekiba kituuse ku Ddiini/Obusiraamu n'Abasiraamu. N'olw'ekyo, mwannyinaze, wegatte ku bakazi (abatukulembera) abalongoofu bw'ekiba nti e Jjanah gy'olubirira.

Mu Bidaayah wan-Nihaayah [4/47], “Ibn Ishaq yagamba nti Sa’d bin Abī Waqqas yagamba nti Omubaka wa Allāh (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) yayita ku mukazi okuva mu (kika kya) ba Banī Dīnār, era nga bbaawe, mutabani we ne kitaawe bonna baali battidwa nga balwana awamu n’Omubaka (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) ku Uhud. Amawulire g’okuttibwa kwaabwe bwe gamutuukako, omukyala ono n’agamba, ‘Kiki ekyatuuse ku Mubaka wa Allāh?’ Nebamuddamu, ‘Khayran, owange maama wa gundi. (Omubaka) ali bulungi, ku lw’okusaasira kwa Allāh, nga bw’oyagala abeere.’ N’abagamba, ‘Mumu ndage nsobole okumulaba.’ Olwo nebasonga ku Nabbi (Swallallāhu ‘alayhi was-Sallama) okutuusa omukyala oyo bweyamulaba, oluvannyuma n’agamba, ‘Buli buzibu bwonna oluvannyuma lwa kino buli Jalal.’ Ibn Hishām yagamba nti, ‘Jalal kisobola okuba ekitono oba ekinene, era wano kitegeeza kitono.’ Okwongera okutegeera ekigambo kino - Imru’ Al-Qays yagamba nti, ‘Mazima ddala ba Banī Asad battiddwa Omulezi waabwe, mazima buli kimu ekitali Ye kiri Jalal (amakulu kitono nnyo).’

Mwannyinaze mu Busiraamu, bw’oba ng’oyagala eky’okulabirako mu kubeera omumativu ku bizibu ku Lwa Allāh, awamu n’okubeera omugumiikiriza ku bigezo ebiba bikutuuseeko, kino nno kyakulabirako ekirungi ennyo gyooli;-

MUĀDHAH BINT ABDILLĀH

Ekyafaayo ekyayogerwa mu An-Nubalaa’ [4/508] kigamba, “Muādhah bint Abdillāh y’ali Sayyidah, nga mukyala mumanyi (ow’Eddiini), Umm As-Subhā’ al-Ādawiyyah al-Basriyyah, omusinza ennyo (‘Ābidaat), mukyala wa As-Sayyid (ey’ali eky’okulabirako) Silah bin Ashīm. Bbaawe (Silah) ne mutabani we bwebattibwa mu zimu ku ntalo (Jihād), abakyala bakunnganira mu makaage. Muādhah n’abagamba, ‘Mbanirizza bwe muba nga muzze kunkulisa, naye bwe muba nga mugidde ekilala kyonna ekitali ekyo MUDDEEYO!’ Era yagamba nga, ‘Ndayira Allāh, saagala (kintu kyonna) mu bulamu bw’okunsi okujjako okusembera eri Omulezi wange (nga mpitira) mu makubo amatuufu, oba olyaawo Ajja kunteeka wamu ne Abū Ash-Shua’thā’ (bbaawe) wamu ne mutabani wange mu Jjanah.’”

Era ono, mwannyinaze, mukyala wanjawulo nnyo (ku bakazi abalala). Allah (Subhana wa ta'āla) yamusukkulumya ku bakazi abalala era n'amugabira abaana, naye teyali musanyufu gye baali okujjako nga bonna balwana mu Kkubo lya Allāh (Tabaarak wa ta'āla);-

'AFRA BINT 'UBAYD BIN THA'LABAH

Ekyafaayo kigamba mu Al-Isābah [8/26], "Ibn Al-Kalbi yagamba, 'Mu'ādh ne Ma'ūdh battibwa (ku Badr), maama waabwe ('Afra Bint 'Ubayd Bin Tha'labah) n'ajja eri Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amubuuza, 'Owange Nabbi wa Allāh, eno y'enkomerero y'aba Banī Awf bin al-Hārith?' Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amuddamu, 'Nedda.' Era Ibn al-Kalbi agenda mumaaso nga agamba nti 'Afra yalina embeera (eddaala) ey'enjawulo etaasangibwa mu mulala yenna atali ye, era nga nayo y'eyokubeera nti oluvannyuma lwa Al-Hārith, yawasibwa Al-Bakīr Bi Yā Layl Al-Laythī, era n'azaala abavubuka bana – Iyās, 'Āqil, Khālid ne 'Āmer, era bonna balwana olutalo lwa Badr, nga bwe kyaali ne kubaganda baabwe (aba maama waabwe) okuva ku al-Hārith. Yali Sahābiyyah eyalina abatabani musaanvu (7) bonna nga balwana ku lutalo lw'e Badr wamu ne Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama)"

Kati owange gwe maama w'abasajja olina abaana bameka? Era okoze nga ekya 'Afra kye yakola? Waliwo n'omu yenna mu batabani bo eyali alwanyeeko mu Kkubo Lya Allāh? Gwe toswaala kusisinkana Allāh (Azza wa Jall) ne ennamba y'abatani eyo gy'olina nga teri n'omu yenna ku bbo alina ky'akoledde Eddiini ya Allāh? Totya Allāh okubeera nga ggwe kalumannywera era enkonge mu kkubo lya batabani bo okugenda n'okwetaba mu Jihād? Ddala tewaliwo byakuyiga n'okulabirako gy'oli ku bakazi abakukulembera abalongoofu? Kale nno kyaddaaki okole nga kye bakola nawe olyooke ofune empeera nga eyaabwe!

Wuuno omukyala omulala omwaatiikirivu, oyo singa abakyala b'omulembe guno baalinga ye – bi'idhnillah – teri n'omu yandisigadde mabega (ku kugenda n'okwetaba mu Jihād). Era singa abakyala mwalinga ye – bi'idhnillah – abasajja balifulumyenga mu bibinja okugenda mu Jihād Fe Sabeelillah, ye;-

AL-KHANSĀ'

Yayogerwaako mu Tabaqāt Ash-Shāfi'iyyah [1/260] ne mu Al-Isābah [7/614] nti, "Al-Khansā' bint 'Amir As-Salmiyyah yalwana mu lutalo lw'e Al-Qādisiyyah, era yali wamu n'abatabani be bana (4). Enkubiriza n'okwagazisa (motivation and morale) kwe eri batabani be okubeera nga

balwana nga bavumu n'obutadduka (okuva mu lutalo) byonna byayogerwaako. Okugeza yabagamba nti, 'Mwasiramuka nga muli bagoonvu nnyo era ne musenguka nga mwagala. Muli batabani ba taata omu ne maama omu. Kitammwe saamulyaamu lukwe era siwebuulangako ba kojja bammwe.' Oluvannyuma n'agamba, 'Mumanyi obungi bw'empeera Allā zaategekera abo abalwanyisa abakaafiiri mu Kkubo Lye? Muteekeddwa okujjukira nti Ākhirah yeesinga (obulamu bw'ensi eno). Era singa, Insha'Allāh, muzuukuka enkya nga muli balamu bulungi, olwo mugende (mu ddwaniro) nga bukyaali era mulwanyise abalabe bammwe n'amagezi wamu n'obumalilirivu obw'amaanyi ennyo. Era n'obuyambi bwa Allāh muwangule abalabe Be (Subhaana wa ta'aala). Era bwe munalaba nga olutalo lutandise okwabika n'ennimi zaalwo nga zibumbujja, olwo mwesogge mu Makati gaalwo era musisinkane abaduumizi b'omulabe mu kubennganga ku lw'okuna olubumbujja. Era mujja kuba bawanguzi n'eminyago wamu n'ekitiibwa mu bulamu obw'oluberera (Ākhirah) wamu n'amadala aga waggulu.' Batabani be bonna baafuluma enkera era ne bagoberera okubulilira kwa nnyaabwe. Kw'olwo (enkera ku lunaku olwokuna olwa kkomekkereza olutalo lw'e Qādisiyyah) batabani ba Al-Khansā' batuuka mangu nnyo mu (ne basooka abalwanyi abalala) mu bifo byabwe mu ddwaniro. Bonna besogga eddwaniro ng'abazira okutuusa bonna lwe battibwa. Era buli omu ku bbo alina ekitoontome kyeyagendanga ayimba (nasheed) nga bw'alumba abalabe."

Olw'obukulu bw'ebitoontome byaabwe, mwannyinaze omwagalwa, tubikuletedde wammanga;

Asooka yagamba;

"Abange mmwe baganda bange, mazima ddala omukadde omuwi w'amagezi yatubuliridde bwe yatuyise eggulo. Ebigambo eby'ebbeeyi ebilambulukufu, n'olw'ekyo mukeere nnyo eri olutalo olukambwe. Era mazima ddala, mu ddwaniro mujja kusangayo obubwa obuboggola okuva mu bantu ba Sāsān (ba Sassanids – olulyo olwaali olufuzi mu bantu b'e Fāris era kumpi emyaka 900 ng'Obusiraamu tebunnaja eddiini n'ezikiriza y'abantu abo yali ya Zoroastranism – oba ba Majūs – abasinza nga omuliro.). Bakakafu nti mujja kugwa mu mitawaana. Era mwolekedde obuwanguzi obw'ekitiibwa oba okufa okunabawa empeera ez'ekitiibwa."

Era bw'atyo n'agenda mu ddwaniro n'alwana paka lwe yattibwa, Allāh amusaasire. Ow'okubiri naye yajja n'agamba (ekitoontome kye);

"Mazima ddala omukyala omukadde omugumu era omunyweevu, era alina entegeera awamu n'endaba entuufu, Yatulagidde n'obulunngamu, amagezi okuva gyaali wamu n'ekisa eri

omwana. Nabw'ekityo, mwanguwe amngu nnyo eri olutalo ng'abalwaanyi mu bibinja. Oba eri obuwanguzi obugonza obuzibu, oba okufa okukutuusa ku by'obugagga eby'oluberera mu Jjanah ya Firdaws n'obulamu obw'ebbeeyi (shahādah)."

N'oyo naye n'alwana n'obuzira obw'ekitalo ennyo paka lwe yattibwa, Allāh amusaasire. Ow'okusatu yayogera ekitoontome kino nga naye bwe yesogga mu makati g'eddwaniro;

"Ndayira Allāh, tetujja kujeemera omukadde omukyala yadde ennukuta n'emu! Atulagidde olw'okutwagala n'okutwagaliza. Amagezi n'ekisa eky'amazima wamu n'okusaasira. N'olw'ekyo tugende eri olutalo olukambwe nga tukumba. Paka lwe tunetooloola (okuzinda) ab'enganda za Kisrā (ono yalinga kabaka w'aba Persians, okugeza nga abaganda bwe bamuyita 'kabaka'. Mu kiseera ky'olutalo lwa Qādisiyyah kabaka (Kisrā) waabwe yali Yazdagird) nga tubazinzeko. Era ne tubafulumya wonna we bekukumidde."

Naye bw'atyo n'asanjaga abalabe okutuusa lwe yattibwa, Allāh amusaasire. N'eya sembayo ow'okuna yalinnya enfalaasi ye nga bw'agamba;

"Ssilwanira Khansā yadde Al-Akhram, yadde 'Amr; oyo ow'ekitiibwa ekyayita! Bwemba nga sigenze mu ggye – eggye lya 'Ajam, ngende mu maaso nga nkumba mu kibinja ekinene ennyo eky'entiisa. Oba eri obuwanguzi obw'amangu n'eminyago oba okuttibwa mu Kkubo Ly'Asinga Obugabi (Al-Karim)."

Bw'atyo naye n'alwana paka lwe yattibwa, Allāh amusaasire.

Amawulire g'okufa kwaabwe bwe gatuuka ku nnyaabwe, Al-Khansā', y'agamba; "Atenderezebwa Allāh oyo ampadde ekitiibwa olw'okufa kwaabwe, era nsuubira nti Omulezi wange ajja kunteeka wamu nabo mu Kusaasira Kwe Okw'Oluberera." 'Umar Ibn al-Khattāb (Allāh asiime ku ye) oluvannyuma yawanga Al-Khansā' emigabo gya batabani be abana, Dirham 200 eza buli omu ku bbo.

Kano, mwannyinaze Omusiraamu, kabajjo bubajjo ku bakazi ba Salaf. Tukubuuliddeko ku Jihād yaabwe, era waliyo abalala nkumu nga bbo. Teri kyatuziyiza kwongerako okujjako olw'okutya okuwanvuya ekitabo kino. Era tukimanyi nti tukulaze oludda lumu lwokka olw'obuwangaazi bwaabwe. Olwo olowooza kyandibadde kitya singa tukubuulidde ku bikwata ku kusinza (Ibadaat) kwaabwe, Taqwa yaabwe, okumanya (al-Ilm) kwaabwe okw'Eddiini,

amazima gaabwe wamu n'emirimu gyaabwe gyonna emilongoofu? Ensonga (ekitabo kino) yandibadde mpaanvu nnyo era yandigaziye nnyo. Naye, Insha'Allāh, ekyo kyetukulazeko kimala okuzuukusa eyebase, okujjukiza eyerabidde, okukubiriza agayadde, okunyweeza omukozi awamu n'okuwagira ayiikidde ensonga enkulu enno; nga Omulezi waffe bweyatugamba;

يَعِظُكُمْ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ

EBY'OKULABIRAKO BYA BA MUJĀHIDĀT OKUVA MU BAKYALA B'OMULEMBE GUNO

Ky'andibanga, owange mwannyinaze mu Busiraamu, owulira ebyafaayo (amawulire) nga bino (ebikulembedde) n'olowooza nti bya bulimba oba nti ezo ngero z'ab'Edda. Naye bw'onakimanya nti waliwo mu bakazi b'omulembe guno abafaanana nga ab'eggulo (ba Salaf), olwo obolyaawo ojja kukkiriza ebyo ebyayogerwa ku bakyala ba Salaf As-Saalih.

Era mu bimu ku by'okulabirako by'obuvumu awamu n'okwewaayo mu bakazi b'omulembe gwaffe guno y'omukulembeze w'abakyala mu mulembe guno, Shahīdah, Insha'Allāh;-

HAWĀ' BARĀYEV

Y'ali muwala muto era nga yakatuuka ku nttiko y'obuvubuka bwe. Obulumi bwe (ku mbeera embi ey'Abasiraamu gye baali bayisibwaamu – okutirimbulwa, okuttibwa, okuwambibwa, okutulugunyizibwa, obulisamaanyi, okuwanngangusibwa, n'ebilala bingi nnyo) bweyongera okubijja/okuyitirira olunaku omulabe (Russia) bwe yalumba ekitundu kye (Chechnya) era n'aweebula awamu n'okutyoboola obulamu bw'abantu be. Teyatula butuuzi (ng'abalala bwe baakola era bwe bakyakola!), wabula yalafuubana nnyo mu buli ngeri yonna eyali esoboka mu kiseera ekyo okuyamba ba Mujāhidīn okubeera nga balwanyisa omulabe (amagye ga Russia). Oluvannyuma, nga wayise ekiseera, yatuukibwaako okumanya (Ilm ya Shari'a) okukkiriza awamu n'okukubiriza abalwanyi (ba Mujāhidīn) kwetulisizaako bbomu nga bali mubibinja

by'abalabe ng'ekigendererwa kya kubasaanyaawo. Olwo ne yebulirira nti mazima ddala ye, awatali mulala yenna, y'ateekeddwa okuyamba ba Mujāhidīn ku mulimu (operation/mission) y'ekikula ekyo. Yeteekateeka, n'alafuubana nnyo era ne yenyweeza bulungi nnyo okubeera nga naye asobola okufuna omukisa gw'okukola operation y'ekika ekyo (Amaliyyāt Is'tishādiyyah). Era kizibwe we, 'Arbī Barāyev – Allāh amusaasire, eyali omu ku baduumizi b'aba Mujāhidīn mu ddwaniro mu kiseera ekyo, lye kkubo Allāh (Subhāna wa ta'āla) kwe yayisiriza Hawā' okusobola okubeera nga atuukiriza ekirooto kye eky'ebbeeyi n'ekitiibwa ekya waggulu ennyo. Olwo n'atandika okukubiriza n'okupikiriza muganda we oyo okubeera nga naye amutegekera omulimu ogwo, nga kye yali alubirira kwaali kwewaayo (obulamu bwe) omulabe asobole okuwangulwa. Oluvannyuma 'Arbī yakkiriza n'amutegekera ki loole nga kijjudde ebibwatuka era n'amutendeka n'engeri y'okukolamu operation eyo. Era ekiseera ky'okusisinkana Omulezi we (Rabb-ul 'Ālmīn) bwe kyatuuka, Hawā' yasaala esswala (eya Fardh) y'obudde obwo, n'asoma ku Qur'an Al-Karīm oluwannyuma n'asiibula bakadde be wamu n'ab'enganda ze – mu mbeera n'ekifaananyi ekyandi swaazizza emitima gy'abasajja abangi ennyo ab'omulembe guno! Oluvannyuma yavuga ki loole n'akiyingiza mu nkambi y'amagye ga Russia. Era, Al-hamdulillahi wal'Minna, n'asaanyaawo obuwufu bwaayo bwonna. Era omuwala oyo, Hawā' Barāyev, n'asisinkana Omutoonzi we (Azza wa Jall) nga mujulizi (Shahīdah) – 'kamaa nahsabuha, walaa nuzzaki ahada minallah' (bwetutyo bwe tumusuubira era tewali n'omu yenna gwe tutukuza mu maaso ga Allāh).

Era n'eky'okulabirako ekilala mu mulembe gwaffe guno – mu kulafuubanira Obuwanguzi bw'Eddiini ne Ummah ya Muhammad (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) nga kw'otadde n'okwewaayo ku lwaayo;-

UMM 'UMAR AL-MAKKIYYAH

Ye namukadde eya layira n'okuwera eri Allāh (Subhāna wa ta'āla) nti ajja kuwagira Jihād ya Afghānistān (nga ba Mujāhideen balwanyisa eyali Soviet Union kati nga ye Russia) na buli kimu kyonna kye y'ali alina n'olw'ekyo n'asindika yo (mu ddwaniro mu Afghānistān) mutabani we, 'Umar al-Makki. Yeyakoma kw'ekyo, wabula, yasigala mu Makkah nga akubiriza abakyala baamwo eri Jihād ya Afghānistan awamu n'okugiwagira okutuusa lwe yasindika nga emmere (enkalu) gye yalinga ategekera mu maka ge mu kibuga ky'e Makkah n'esindikibwa mu ddwaniro mu Afghānistān. Olunaku lumu yayitibwa ajje akyaaleko mu Afghānistān asisinkane ku bakyala b'aba Mujāhideen wamu n'abakyala abalala abaalinga babayambako. Bwe yatuukayo yalemerako okubeera nga naye yesogga eddwaniro. Ba Mujāhideen baagezaako okumugaana olw'obulabe bw'embeera mu kiseera ekyo naye ne balemwa – olw'okuba nti yali alayidde nti ajja kukuba

abalabe n'eky'okulwanyisa kye. Bamala ne bamukkiriza era n'atwalibwa mu mmotoka, ng'ali ne mutabani we, mu ddwaniro asobola okwelabirako omulabe n'amaaso ge atuukirize ekirooto kye n'ekilayiro kye – eky'okukuba omulabe ku Lwa Allāh (Subhāna wa ta'āla). Yayimirira ku miziinga n'akubayo egimu eri omulabe, era teyavaamo okutuusa omulabe naye bwe yamala okuzza emiziinga. Ekyo kyamumanyisa nti emiziinga gye yali akubye gyaali gikosezza omulabe, olwo ekifuba kye ne kiwola era n'obusuungu bwe yalina ku mutima nabwo ne bugenda, era Allāh (Subhāna wa ta'āla) n'awandiika empeera ze – Insha'Allāh.

Era kikino, owange gwe mwannyinaze omwagalwa, eky'okulabirako okuva mu bakazi b'omulembe guno ekyefaananyirizaako nga ekya Asmā ne Umm Sa'd (Allāh asiime ku bombiri) wamu n'abalala, era naye ye;-

UMM SURĀQAH

Y'oyo era kubiriza n'okisindiikiriza mutabani we, Surāqah, okugenda alwane mu Jihād ya Afghānistan. Mutabani we bwe yattibwa, Allāh amusaasire, ba Mujāhideen ne bebuuza, "Tugenda kumubulira tutya amawulire g'okufa kwa mutabani we?" Olwo ne bagamba nti, "Tomanya singa Shaykh Abdallāh Azzām, Allāh amusaasire, amugamba kijja kukendeeza ku kizibu kye." Olwo Shaykh n'amukubira essimu n'amuwa amawulire g'okufa kwa mutabani we era n'amubulirira n'ebigambo ebikubagiza awamu n'obugumiikiriza. Naye Umm Surāqah teyali mwetaavu w'ebigambo ebyo yadde n'omulundi ogumu, era yaddamu Shaykh Azzām mu nziramu eyatujjukiza abakyala ba As-Salaf As-Saalih. Yamugamba, "Al-Hamdulillah! Ku kufa kwa Surāqah, oluvannyuma lwa wiiki emu ngenda kubasindikira mutoowe adde mu kifo kye!"

N'eky'okulabirako ekilala m bakazi b'omulembe guno ekifaanana nga ekya Ssenga wa Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), Swafiyyah (Allāh asiime ku ye) – oyo eyakubiriza abasajja eri Jihād nga akozesa omukono gwe – ye;-

UMM GHANDAFAR

Ono yali mukyala atasomako yadde nga tamanyi kuwandiika yadde okusoma. Lumu yali atudde mu lukunngana, omu ku bakyala n'ayogera ku bulungi bwa Jihād (Fadh-ul Jihād Fi Sabeelillah) n'obulungi bw'okuttibwa ng'omujulizi (Fadh-ul Shahādah) n'ebitendo bya Shaheed era nti ajja

kuwolereza bakadde be (ku Lunaku Lw'enkomerero) basobole okuyingira e Jjanah. Umm Ghandafar yawulira ekigaambo ekyo omutima gwe ne gukinyweeza era ne kinnyikira mu gwo. Yaddayo ewaka n'ayita mutabani we - Ghandafar (gwe yalina yekka) era nga ye mwaana we omukulu n'amuwa ekiteeso agende mu Jihād mu Afghānistān Allāh amuwe Shahādah olwo mutabani we asobole okumuwolereza. Yamulabamu obutakkiriza ekiteeso kye, olwo yali talina kilala kya kukola okujjako okufuna kibooko. Yayingira mu kisenge mutabani we mwe yali n'atandika okumukuba emiggo emizibu nga bw'akaaba nga agamba, "Genda mu Jihād! Ani anampolereza ku Lunaku Lw'okuzuukira?" Ghandafar agamba tewali kye nnali nyiza okukola okujjako okukkiriza. Olwo ne netegeka oluvannyuma ne ngenda mubulire olunaku nnaasimbula. Nambuuza, "Ogenda kumalayo bbanga ki?" Nemuddamu, "Wakati w'emyeezi ena n'omukaaga." Ghandafar agamba nti yampandulira mu kyenyi n'angamba, "Oyagala kwewaayo eri Allāh okumala ebbanga lya myeezi 6 (GYOKKA)? Genda okutuusa Allāh lw'anakuwa emu ku nkomerero ennungi ez'emirundi ebiri (amakulu: Obuwanguzi – Nasru oba Obujulizi - Shahādah)!

قُلْ هَلْ تَرَبَّصُونَ بِنَآ إِلاَّ إِحْدَى ٱلْحُسْنَيَيْنِ

"Bagambe nti, mulina kye mutulindiriza wabula ekirungi ekimu ku bibiri? ...."
(At-Tawbah: 52)

Tunula mwannyinaze ow'ekitiibwa, engeri gye wazuuze mu bakazi b'omulembe gwaffe eky'amagero era ekyewuunyisa. Naye kyandibadde kitya singa abakyala Abasiraamu bonna ku mulembe gwaffe baling abakyala bano? Olowooza waliwo ekintu kyonna eky'Obusiraamu n'Abasiraamu (obulamu, emisaayi, abakyaala, abaana, emmali/eby'obugagga, ekitiibwa, eddembe, obumu, okwenywereza ku Aqeedah ne Tawheed awamu ne Sunnah) omulabe kye yanditutte yadde okukizuungirako? Mu butuufu eky'okuddamu kiri nti, "NEDDA!" Nga Allāh (Subhāna wa Ta'ālah) bwe yatusuubiza;

وَعَدَ ٱللَّهُ ٱلَّذِينَ آمَنُواْ مِنْكُمْ وَعَمِلُواْ ٱلصَّالِحَاتِ لَيَسْتَخْلِفَنَّهُمْ فِى ٱلأَرْضِ كَمَا ٱسْتَخْلَفَ ٱلَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ وَلَيُمَكِّنَنَّ لَهُمْ دِينَهُمُ ٱلَّذِى ٱرْتَضَىٰ لَهُمْ وَلَيُبَدِّلَنَّهُمْ مِّن بَعْدِ خَوْفِهِمْ أَمْناً يَعْبُدُونَنِى لاَ يُشْرِكُونَ بِى شَيْئاً وَمَن كَفَرَ بَعْدَ ذٰلِكَ فَأُوْلَئِكَ هُمُ ٱلْفَاسِقُونَ

"Allāh yalaganyisa abo abakkiriza mu mmwe ne bakola emirimu emilongoofu nti agenda kubasigiza mu nsi nga bwe yasigiza abo (abaaliwo) oluberyeberye lwaabwe: era (ddala) agenda kubatebenkeza eddiini yaabwe eyo gye yabasiimira. Era agenda kubakyusiriza ddala oluvannyuma lw'okutya kwabwe eddembe: kasita banansinza era nga tebangattako kintu

kirala kyonna. Naye oyo yenna anaawakana oluvannyuma lw'ekyo, n'abo be bonoonyi." (An-Nūr: 55)

N'olw'ekyo lwaaki tewegatta ku musululu (Saff) n'obeera omu ku bakazi ebyafaayo gwe bijja okuwandiikako ekikolwa ekijja okutusobozesa okusitula emitwe gyaffe (okuva mu bunyomoofu obutubuutikidde) – mpozzi nate;

وَرِضْوَانٌ مِّنَ ٱللَّهِ أَكْبَرُ ذَٰلِكَ هُوَ ٱلْفَوْزُ ٱلْعَظِيمُ

"N'okusiima okuva eri Allāh kwe kusinga obukulu. Okwo kwe kwesiima okusukkirivu." (At-Tawbah: 72)

OKUFUNZA EBYO BYE TUKWAGALAMU ERA BYE TUKUSUUBIRAMU MWANNYIZE OW'EKITIIBWA

Wano, mwannyinaze omwagalwa era ow'ekitiibwa, tutuuse ku nkomerero y'obubaka bwaffe gy'oli. Era nga tetunnaba kukusibula, kijja kuba kirungi nnyo okufunza funza ebyo bye tukwagalamu era bye tukusuubiramu:

Tukubulidde okusinga nekw'ekyo ekyetaagisa ku mbeera y'abakyala ba Salaf n'abo abajja oluvannyuma lwabwe n'olw'ekyo obukulu bw'obuvunaanyizibwa bw'omukyala mu lutalo olugenderera okuwa Obusiraamu n'Abasiraamu Obuwanguzi butegeerekeka bulungi nnyo gy'oli. Twagala n'okukwagaliza okubeera nga ogoberera abakyala ba Salaf mu kukubiriza Ibādah ya Jihād awamu n'okugyeteekerateekera nga kw'otadde n'obugumiikiriza bwaabwe ku Kkubo lino. Era awamu n'okulubirira n'okuyoya kwabaalina okubeera nga beetaba mu kulwana nga beyambisa buli kimu kye baali balina Obusiraamu (n'Abasiraamu) busobole okutuuka ku Buwanguzi.

Era bw'ekiba nti oli musanyufu era omutebenkevu ku bunyomoofu bw'Eddiini yo, era ng'oli musanyufu n'obuswaavu bwo ne Ummah, olwo tewali kye tuyinza kukolera mu maaso ga Allāh (Subhāna wa Ta'āla). Naye tukulabula ku Busungu bwa Allāh (Subhāna wa Ta'āla) n'Ebibonerezo Bye, era tukugamba nga tukulabula, tya Allāh (Subhāna wa Ta'āla) era tobeera enkonge oba ejjijji mu kkubo ly'abasajja eri Ibādah ya Jihād, Nga Allāh (Azza wa Jall) bweyalaga ebikolwa ebibi ng'ebyo n'alabula, nti:

Nga Allāh (Azza wa Jall) bweyalaga ebikolwa ebibi ng'ebyo n'alabula, nti:

يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ آمَنُواْ لاَ تَكُونُواْ كَٱلَّذِينَ كَفَرُواْ وَقَالُواْ لِإِخْوَانِهِمْ إِذَا ضَرَبُواْ فِى ٱلأَرْضِ أَوْ كَانُواْ غُزًّى لَّوْ كَانُواْ عِندَنَا مَا مَاتُواْ وَمَا قُتِلُواْ لِيَجْعَلَ ٱللَّهُ ذَٰلِكَ حَسْرَةً فِى قُلُوبِهِمْ وَٱللَّهُ يُحْيِى وَيُمِيتُ وَٱللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ

"Abange mmwe abakkiriza! Temubeeranga ng'abo abakaafuwala ne bagamba baganda baabwe bwe baba nga batambudde mu nsi obanga babadde abatabaazi (ne bafiirayo): Singa baabadde (wano) we tuli tebandifudde; (Allāh yabateekamu ekirowoozo ekyo) alyoke afuule ekyo okwejjusa mu mitima gyabwe. Ne Allāh y'awa obulamu era y'atta; era Allāh alaba byonna bye mukola." (Āl Imrān: 156)

Ekitono ennyo kye tukusaba kwe kusigala ng'osirise abasajja bwe baba nga bali mu kawefube w'okutuukiriza Ibādah eno ensukkulumu, era beera mu mativu era omugumiikiriza n'ekyo Allāh (Subhāna wa Ta'āla) ky'alagidde oba ky'ageze. Era kimanye nti bw'onaziyiza abasajja eri Ibādah ya Jihād (kababeere batabani bo, bazeewo, bannyoko n'abasigadde) ekyo nno kiri mu kuziyiza abantu eri Ekkubo lya Allāh (Subhāna wa Ta'āla), era ekyo Omutoonzi Allāh (Subhāna wa Ta'āla) tekimusanyusa (yenna ayagala obujulizi kimumalira okubeera nga abujja mu Kitabo Kye (Subhāna wa Ta'āla) ne ku Mubaka We (Sallallahu 'alayhi wassallam) so si ku Seeka gundi, ne Imaamu gundi). N'olw'ekyo bw'ekiba nti togenda kusaanawo olw'okugenda kwabwe mu Kkubo Lye (Subhāna wa Ta'āla) tolina buyinza bwonna kalube olukusa okubeera nga wekiika mu kawefuube wabwe mu yimirizaawo Ibādah eyo! Oyinza okuba nga kino okyewunya ng'ogamba nti, "Kisoboka kitya maama okuba nga talina buyinza (ku mwana gw'azaala) ate nga Omubaka Wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) yagamba; nga (hadith) eyayogerwa Bukhārī n'abalala okuva ku 'Abdallāh bin 'Amr, Allāh asiime ku ye, eyagamba; **"Omusajja yajja ewa Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amusaba olukusa okugenda mu Jihād, Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amubuuza, 'Bazadde bo balamu?' (Omusajja) n'amuddamu, 'Yye.' Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amugamba, 'Mu bbo (okubalabilira) ye Jihād yo.'"**

Tukuddamu nga tukugamba nti Ahādth ng'ezo tezitwekwese, wabula waliyo Ahādith endala nkumu ezolekaganye (opposite) n'ezo, era kyatteeka zombi okuzikolerako. Era nga n'eky'okuzikolerako kya nnyonnyolwa Ibn Hajar mu kitabo kye Al-Fat'h-ul Bari, bwe yagamba nga annyonnyola hadith eyo waggulu: yagamba, "N'ekisingako okutegerekeka (amakulu mu hadith eyo waggulu) ye Hadith ya Abū Sa'īd mu Sunan Abī Dāwūd, nga erimu ebigambo – 'Ddayo ofune olukusa lwabwe, bwe bakuwa olukusa olwo lwana, naye bwe batalukuwa olwo bagondere.' Yakakasibwa Ibn Hibbān, era abasing obungi mu bamanyi baagamba, 'Jihād eba

tekkiriziba singa abazadde bagigaana, oba singa omu ku bbo (agigaana), ku kakwakkulizo k'okubeera nti bonna Basiraamu, kubanga okubagondera kyateeka, era olwo (mu mbeera ng'eyo) nga Jihād eri Fardh Kifaayah. Naye singa Jihād efuuka Fardh 'ayn olwonno tewali lukusa lwetaagisa.' Era nga n'ekisemba n'okuwagira ekyo (ekigambo ky'abamanyi ekyo waggulu), ky'ekyo ekyayogerwa Ibn Hibbān (ewalala) okuva ku 'Abdallāh bin 'Amr, nti, **'Omusajja yajja eri Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amubuuza ku Ibādah ezisinga ddala.' Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amuddamu, 'Esswala.' Omusajja n'amubuuza, 'Oluvannyuma ki?' Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama), 'Al-Jihād.' Omusajja n'amugamba, 'Mazima ddala nina abazadde.' Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amuddamu, 'Nkulagira okubeera omulungi gye bali.' Omusajja n'amugamba, 'Ndayira Oyo eyakutuma nga Nabbi n'Amazima! Mazima ddala nja kulwana era mazima ddala nja kubaleka.' Omubaka wa Allāh (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) n'amugamba, 'Olwo gwe asinga okumanya.'"** [Fat'h Al-Bari, 6/106 – yayogerwa Ibn Hibbān era eri Sahih].

Era ekyo kibaawo singa Jihād efuuka Fardh 'Ayn, okusinzira ku Ahādith ezo ebbiri. Era ku mulembe gwaffe guno Jihād eri Fardh 'Ayn. Owange gwe maama, n'olw'ekyo tewali kukugondera mu kujeemera Allāh (Subhāna wa Ta'āla).

Al-Qurtubi, Allāh amusaasire, yagamba mu Tafsir ye [7/151], "Wayinza okubaawo embeera nga kya tteeka ku buli omu okubeera nga afuluma (okugenda okulwana), era kwe kubeera nga Jihād efuuse Fardh 'Ayn olw'okuba omulabe yefuze ekitundu oba yefuze ensi (ey'Abasiraamu), N'olw'ekyo embeera bw'ebeera bw'etyo, kiba kyatteeka eri abatuuze b'ekitundu (ensi) ekyo bonna okwanguwa ne bafuluma (okugenda mu Jihād); nga bawewufu aba nga bazito, bato oba bakulu, buli omu okusinzira ku busobozi bwe. Oyo alina kitaawe asobola okugenda nga tafunye olukusa lwe mungeri y'emu ng'oyo atalina kitaawe. Era teriyo n'omu yenna mugagga oba mwavu akkirizibwa okusigala emabega. Olwo singa abantu b'ekitundu ekyo tebasobola kulwanyisa omulabe oyo, olwo kiba kyatteeka eri abo ababali okumpi n'ababalinaanye okubeera nga bafuluma (okulwana) okusinzira ku kiki abantu b'ekitundu ekyo kye balinamu obwetaavu, paka lwe batuuka okubeera n'obusobozi obulwanyisa omulabe n'okumuzzaayo. Mungeri y'emu oyo yenna amanyi ku bunafu bwabwe ku mulabe oyo, era nga amanyi nti asobola okubatuukako n'abayamba, naye atteekeddwa okufuluma agenda gye bali. Abasiraamu bonna bali omukono gumu kw'abo ababalwanyisa, okutuusa nga abantu b'omu kitundu omulabe kye yalumbye n'awamba nga basobodde okusituka ne balwanyisa n'okuzzaayo omulabe, mu kiseera ekyo

etteeka (obw'etteeka) abalala (abatali bamukitundu ekyo) liba libajjibwaako (Jihād okubeera Fardh 'Ayn ku bbo)"

N'olw'ekyo nziramu, Owange Maama!

Tulinawo Palestine, omulabe yagilumba eri teri n'omu yaasobodde okumuzaayo – si mw'abo abali okumpi oba abo abali ewala. Nabw'ekityo, Jihād paka kati eri Fardh Kifaayah? Waliwo ne Al-Andalus (Spain), omulabe yagilumba dda ebyaasa n'ebyaasa, mungeri y'emu Chechnya, Kashmir, Burma, Xinjang (East Turkmenistan) n'ebitundu by'Abasiraamu ebilala bingi nnyo. Byonna byalumbibwa omulabe; n'ajjawo ensomesa y'eddiini mu bbyo, n'awebuula n'okukakkanya Abasiraamu, n'abatwala nga abanafu era n'abatuusaako embeera n'okutulugunyizibwa okw'entisa ey'ekika kya waggulu ennyo okutuusa lwe wazzeewo n'obulumbaganyi obupya (New Crusade) mu Iraq, Sham, Libya, Afghānistān, Yemen, Somalia ne mu bitundu by'Abasiraamu ebilala okwetoloola ensi yonna!!! Nga kwotadde okutirimbulwa kw aba Ahl-Sunnah mu nsi yonna ku mikono gy'aba Shia (ba Rawāfidh) mu Iraq, ku mikono gy'aba Nusayri (abakulemberwa Bashar Assad) mu Syria nga eno bayambibwaako ba Hizbullah (nga kino kibiina ky'aba Shia okuva mu maserengeta – south- ga Lebanon) n'ebibinja by'aba Shia ebirala, mu Somalia ku mikono gy'amagye ga Ethiopia ne AMISOM (Uganda, Burundi, Kenya, n'endala) nga era kati bayambibwaako Kenya, Djibouti, Sierra Leone, USA, France ne Britain.

Era ddala oluvannyuma lw'ebyo, Owange maama, oyagala tusigale nga tukyagamba nti Jihād eri Fardh Kifaayah, era n'okukugondera tusigale emabega kyatteeka okusinga Jihād? Twogedde ekimala; era tukombye ku bunyomoofu ekimala!

Ibn Qudāmah, Allāh amusaasire, yagamba mu kitabo kye Al-Kāfī [4/255], "Jihād bw'efuuka eyetteeka ku buli omu (Fardh 'Ayn) tewaliwo olukusa olwetaagibwa okuva eri abazadde kubanga kati etteeka liri eri buli omu, n'olw'ekyo talina kusooka kufuna lukusa lwabwe, nga bw'ekiri (eky'olukusa okubeera nga telwetaagisa) ku Hijja ey'etteeka ne ku Ibādah endala ez'etteeka. Tewaliwo kubagondera mu kubileka, kubanga mu kubileka kuba kujeema, era tewali kugondera ebitonde mu kujeemera Allāh (Subhāna wa Ta'āla), nga okunoonya okumanya okwetteeka (Tawheed/Aqeedah) nga tasobola kukufuna mu kitundu mw'awangalira …"

Tewaliwo bwetaavu bw'okuwanvuya ensonga eno mwannyinaze, naye kano katundu butundu ku nsonga eno era tujja kweyongera okukyetegereza mu kifo ekirala, Insha'Allāh, era tusaba Allāh (Tabārak wa Ta'āla) okutuyamba n'okutukwatirako.

Naye era tuddamu okukikaatiriza nti, tewali ngeri yonna gy'okkirizibwaamu okuziyiza abasajja (yadde abakyala) eri Ibādah ya Jihād Fe Sabeelillah, okujjako nga okugenda kwabwe kujja kukuleetera gwe n'abaana bo okubeera nga muzikirira. Ekitli ekyo, kimanye nti okubaziyiza kwo kika mu bika by'okuziyiza abantu ku Kkubo Lya Allāh (Azza wa Jall), era kyadaaki ojja kufuna ekyo Allāh (Azza wa Jall) kye yayogera ku bakaafiiri, bwe yagamba nti;

اللَّهِ الَّذِي لَهُ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَوَيْلٌ لِلْكَافِرِينَ مِنْ عَذَابٍ شَدِيدٍ (2) الَّذِينَ يَسْتَحِبُّونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا عَلَى الْآخِرَةِ وَيَصُدُّونَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ وَيَبْغُونَهَا عِوَجًا أُولَئِكَ فِي ضَلَالٍ بَعِيدٍ (3)

"Allāh, Oyo alina ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi. N'okubonaboona kuli ku bakaafiiri mu bibonyobonyo by'omuliro. Abo abasiimawo okwagala obulamu bw'ensi (okusinga) ku Bulamu Bw'enkomerero, ne baziyiza (n'abantu) ku Kkubo lya Allāh, ne baagala okulikyamya: Abo bali mu bubuze obweyolefu." (Ibrāhīm: 2 -3)

N'olw'ekyo tya Allāh (Tabārak wa Ta'āla) era otye Olunaku Lw'enkomerero lw'ojja okuyimirira mu maaso g'Omulezi wo (Tabārak wa Ta'āla) era ajja kukubuuza, "Lwaki waziyiza (abasajja) okuva ku Kkubo Lyange?" Ogenda kumuddamu ki? Era ogenda kwogera ki? Ono gamba nti edduniya yali nganzi gyoli okusinga eddiini? Oba ojja kugamba nti mutabani wange ne baze wange baali baganzi nnyo gyendi okusinga Allāh (Subhāna wa Ta'āla) n'Omubaka We (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama)?

Ddamu, era ekyo ky'osindise leero ojja kukisanga enkya, era enkya kumpi nnyo!

يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ آمَنُواْ ٱتَّقُواْ ٱللَّهَ وَلۡتَنظُرۡ نَفۡسٞ مَّا قَدَّمَتۡ لِغَدٖۖ وَٱتَّقُواْ ٱللَّهَۚ إِنَّ ٱللَّهَ خَبِيرُۢ بِمَا تَعۡمَلُونَ

"Abange mmwe abakkiriza! Mutye Allāh era buli mwoyo guteekwa gutunulire ekyo kye gukulembezza (ng'entanda) ku lw'olunaku lw'enkya. Mutye Allāh! Mazima Allāh Amanyi ebyo byonna bye mukola." (Al-Hashr: 18)

Era bw'ogaana, owange gwe omuzaana wa Allāh, okugoberera abakyala abalongoofu era n'okyuka n'obakuba amabega, era n'ojeemera Omulezi wo (Subhāna wa Ta'āla) ng'oziyiza abantu (abasajja) ku Kkubo Lye, olwo nno tukusaba ku lwa Allāh (Subhāna wa Ta'āla) okomye – okuva n'olwa leero – obulabe bwo eri Ummah. Tobeera kyakulwanyisa ky'abalabe ba Allāh mu kusaanyawo emisingi gya Ummah n'enono zaayo, mu kweyolesa kwo (Tabarruj – okuyita obukunya) n'obwonoonefu bwo n'obulagajjuvu bwo. Kubanga, mazima ddala, tukusuubiramu obulungi, naye bw'onogaana, olwo tusuubire nti tuli mirembe nnyo okuva ku bubi bwo, era

tusaba Allāh (Subhāna wa Ta'āla) akomye era aziyize obubi bw'abonoonefu mu Ummah; era abakuumireyo bokka n'obwonoonefu bwaabwe, abatwewaze. Mazima ddala Ye Nannyini ekyo era Ye Yekka Yasobola okukikola.

ENGERI OMUKYALA GY'ASOBOLA OKUTUUKIRIZAAMU OBUVUNAANYIZIBWA BWE ERI OBUSIRAAMU

Allāh (Subhāna wa Ta'āla) yagamba;

وَٱلْمُؤْمِنُونَ وَٱلْمُؤْمِنَاتُ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَآءُ بَعْضٍ يَأْمُرُونَ بِٱلْمَعْرُوفِ وَيَنْهَوْنَ عَنِ ٱلْمُنكَرِ وَيُقِيمُونَ ٱلصَّلَوٰةَ وَيُؤْتُونَ ٱلزَّكَوٰةَ وَيُطِيعُونَ ٱللَّهَ وَرَسُولَهُۥٓ أُوْلَٰٓئِكَ سَيَرْحَمُهُمُ ٱللَّهُ إِنَّ ٱللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ

"Abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakyala, ba mukwano eri bannaabwe (okubawagira, okubayamba, okubataasa); balagira empisa ennungi era baziyiza empisa embi; ne bayimirizaawo esswala ne bawaayo zzakaati; ne bagondera Allāh n'Omubaka We. Abo Allāh agenda kubasaasira. Mazima Allāh wa Kitiibwa, Mukakasa" (At-Tawbah; 71)

Hadith eyajjibwa ku Abī Saeed al-Khudrī, Allāh asiime ku yye, agamba nti, "Nnawulira Nabbi (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) ng'agamba: 'Omuntu abanga alabye ekintu ekitamwa (Munkar) – mu ddiini – akijjisengawo omukono gwe, bw'aba tasobodde kukijjisaawo mukono gwe kale akijjisengawo olulimi lwe, bw'aba tasobodde akitamirwe mu mutima gwe naye eky'okukitamirwa mu mutima gwe buba bunafu bwabukkiriza.'" - Yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo oba ekyebuuzibwa wano tekikwatagana ku nsonga y'okubeera nti okwetaba kw'abakyala mu Ibādah ya Jihād kwatteeka gye bali oba nedda, wabula ensonga enkulu kati ekwatagana na butya abakyala bwe bayinza okwetaba mu Ibādah eno olwo obolyaawo;

- Basobole okwewala n'okwesamba ezzaambi ly'okulekulira Ibādah ya Jihād awamu ne Adhāb (ebibonerezo) by'ezzambi eryo mu Dduniya ne ku 'Ākhirah..
- Basobole n'abo okwenyagira empeera empitirivu era ensukkulumu Allāh Al-Karīm ze yateekerateekera abo abayimirizaawo Ibādah eno mu Dduniya ne ku 'Ākhirah.

Waliwo amakubo n'engeri nyingi omukyala OMusiraamu z'ayinza okwetaba awamu n'okuyimirizaawo Ibādah ya Jihād Fe Sabeelillah mu ddwaniro (battlefield) awamu n'ebweru waalyo;

OBUVUNAAYIZIBWA BW'OMUKYALA MU BATTLEFIELD

1) Okwetaba Mu Kulwana Kwe Nnyini; Eby'okulabirako wano bingi okugeza Umm 'Ammārah, Nusaybah Bint Ka'b Al-Māziniyyah Al-Ansāriyyah, Umm Sulaym bint Milhān al-Ansāriyyah, Swafiyyah Bint Abdul-Muttwalib, Hawā' Barāyev. Mpozzi kimanye gwe mwannyinze alubirira okutuukiriza ensonga eno nti kikukakatako okubeera nga weteekateeka na ddala omubiri (physical fitness), okumanya okukozesa eb'okulwanyisa {nga emmundu (na ddala AK-47), ekyambe (dagger)} n'amateeka/endagiriro za Shari'ah ku kulwana kubanga eyo Ibādah nga bw'olaba Okusiiba Ramadhan n'esswala ettaano.
2) Okuyamba Abalwanyi Mu Ddwaniro; Okugeza okujjanjjaba abafunye ebisago, era nga wano engeri Maama w'abakkiriza A'isha ne Fātumah, Allāh asiime ku bombiriri, gye batuukirizaamu omulimu ogwo ky'eky'okulabirako ekisinga eri omukyala omukkiriza yenna. Mpozzi kiba kitegeeza nti oteekeddwa okuba n'okumanya ku bintu nga First Aid. Era muno mulimu n'okukubiriza (morale boosting) abalwanyi okusigala nga banyweevu era nga bagumu nga Swafiyyah Bint Abdul-Muttwalib bwe yakolanga. N'emirimu emilala nga okubategekera eby'okulya n'okunywa, okulongoosa n'okutereka eby'okulwanyisa by'abalwanyi, etc.
3) Okukuuma (Okubeera Ku Ulinzi); Nga Swafiyyah Bint Abdul-Muttwalib (ku Lutalo lwa Al-Ahzāb) ne Umm Salamah Asmā Bint Yazīd Bin As-Sakan (ku lutalo lw'e Yarmouk), Allāh asiime ku bombiriri, bwe baakulaga.

OBUVUNAAYIZIBWA BW'OMUKYALA WABWERU WA BATTLEFIELD

1) Okulera Abaana Ku Musinji (Tarbiyah) Gwa Jihād; Buno bwe obwebuvunaanyizibwa obukyasingiddeyo ddala eri abakyala ku nsonga eno. Mwannyinaze, tolinda mwana wo kuweza myaka musaanvu (7) kubanga olwo kazaambi wa 'Secularism' ajja kuba atandise okumuyingira n'okumuwunyako. Kaabe mulenzi oba muwala oteekeddwa okumukuliza mu ku musingi guno naddala ku Aqeedah ya al-Walaa wal-Baraa (Okwagala n'Okukyawa lillah), Aqeedah ya Ibtila'āt (ebigezo n'ebizibu nga –okuttibwa, okusibwa, enjala, okufirwa abagalwa

bo, okuwannganguSibwa, okutulugunyizibwa, okutuusibwaako obulabe obwa buli kika, okuwangala wekka, etc), Zuhd , obuzira, obuvumu, obwangu (naddala mu kusalawo n'okukola emirimu gyabwe), obunyweevu, amaanyi (mu mubiri – physically ne mu ku mutima - psychologically), obutatya kunenya kwonna ku nsonga z'eddiini, etc. Amakubo amalala ku nsonga eno;

a. Okusoma kwe ATEEKEDDWA okutandikira ku Yasurna, Qur'an (n'ekigendererwa kya Hifdh) n'oluwarabu ng'olulimi. Era mulabule nnyo ku 'Secular Education' naddala ku bulabe bwaayo eri Aqeedah.

b. Okubasomera ebyafaayo n'engero za Jihād, ba Mujāhideen ne ba Shuhadā okuviira ddala ku mirembe egyasooka nga ekyafaayo kya Nabbi Dāūda (alayhi Ssalaam) mu Suurat al-Baqarah, okubanyumiza enyo ku Nabbi Ibrahīm (alayhi Ssalaam) ne Da'awa ye, As-hāb'ul Kahf mu Suurat al-Kahf, As-hāb'ul Ukhdood mu Suurat al-Burooj, ekyafaayo kya Nabbi Yusuf (alayhi Ssalaam), Siirah wa Nabbi Muhammad (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) naddala entalo ze, ebyafaayo by'aba Swahābah abasajja n'abakyala (obuwangaazi bwaabwe, ebitendo byaabwe, Zuhd waabwe, enkomerero yaabwe), …. Okutuusa kati.

c. Empisa z'Obusiraamu awamu n'oluganda lw'Obusiraamu okugeza aya esembayo mu Suurat al-Fath ne mu Suurat al-Mujādilah.

d. Mwewaze nnyo T.V.

e. Okubayigiriza n'okubakubiriza ku mizzanyo (sports) nga; martial arts, okuwuga, okudduka, okukanyuga, scout, eby'okulwanyisa nga byakuzzanyisa (toys), etc.

f. Emboozi, ebitabo, video ku nsonga z'amagye n'entalo byonna bikunnganye ewaka biberewo mu kifo ky'ebizannyo zzanyo eby'obwonoonefu era ebitalina kye bizimba okujjako okutta emitima gy'abantu, ensa n'empisa zaabwe nga kw'otadde n'okukunnganya amazaambi.

g. Okubawerera mu misomo egy'edduniya naye nga e nniyah yakugasa nabyo Ummah nga eby'amasannyalaze, okukanika, computer, obusawo, etc.

2) Okuteekateeka omubiri gwo (Physical Training); Ensonga enkulu lwaki omukyala ateekeddwa (nga Allāh (Subhāna wa Ta'āla) bwe yalagira mu Suurat al-Anfal: 60.) okubeera nga ateekateeka omubiri gwe ziri biri;

a. Naye asobole okwetaba mu kulwana kwe nnyini. Okugeza obukodyo bw'okuziyiza n'okulwanyisa abalisa maanyi (rapists), okwerwanako (Self Defence).

b. Okuyigiriza ezadde lye kubanga tojja kusobola kubalaga ekyo gwe ky'otomanyo.

3) Okukubiriza Awamu N'okwagazisa Abagalwa Bammwe Okubeera Nga Bayimirizaawo Ibādah Ya Jihād; Okugeza ng'oyitira mu kubabulirira (Naswiihah) naddala ku mpeera

n'obulungi bwaayo mu bulamu buno n'obw'oluvannyuma, Okubasabira ko (Dua), okubeera omugumiikiriza eri abantu bo abali mu Jihād nga kuno kw'otadde n'okubateekamu obwesige, okubawa ekitiibwa n'obutabanakuwaza. Okubeera ne Tawakkul mu Allāh (Subhāna wa Ta'āla) naddala mu Kugera Kwe – okugeza okukakasa nti omuntu wo ne bweyandibadde nga waali era nga n'omulimu alina Allāh (Subhāna wa Ta'āla) bw'aba yabagerera obwavu era temusobola kubwepena. Ky'ekimu ku mbeera endala zonna ng'okuttibwa, okuwambibwa, n'ebilala. Okufunayo enyingiza (waliwo ejawulo nnene wakati w'enyingiza n'omuliro) oba obumanyirivu (skill) by'oyinza okweyambisa okulabilira abaana (survival) singa omuntu wo attukibwaako ekintu kyonna ng'okuttibwa, okuwambibwa oba okunonyezebwa omulabe. Kikulu nnyo okutukuza enniyyah yo ku nsonga eno oleme kudda mu kukunnganya e dduniya!

4) Okusaddaaka eri ensonga eno awamu n'okutema empeenda ku makubo g'okufunamu ensimbi n'ebyetaagisa okusobola okuyimirizaawo Ibādah eno; Kyandibadde kirungi nnyo singa otandikira ku by'okwewundaakwo nga abalongoofu abakukulembeera bwe baakola.

لَنْ تَنَالُواْ ٱلْبِرَّ حَتَّىٰ تُنْفِقُواْ مِمَّا تُحِبُّونَ وَمَا تُنْفِقُواْ مِنْ شَيْءٍ فَإِنَّ ٱللَّهَ بِهِ عَلِيمٌ

"Temulifuna bulungi okutuusa bwe munaawangayo (mu Kkubo lya Allāh) mw'ebyo bye mwagala; Buli kintu kyonna kye muwaayo, Mazima Allāh akimanyi."
(Āl Imrān: 92)

5) Dua; Kimanyikiddwa bulungi nnyo nti edduwa kye oky'okulwanyisa ky'omukkiriza, n'olwekyo, bannyinaze ab'ebitiibwa tubakowoola nga tubasba obutalekangayo kusabira bagaanda bammwe buli wamu okugeza ku Sujuudu mu sswala, Salat-ul Layl, essawa esembayo ku lunaku lw'e Jjuma, mu kiseera ky'okusibulukuka, mu Qunoot, nga enkuba etonnya, oluvannyuma lw'okukola omulimu omulungi (Wājib oba Sunnah) nga Swalaat Dhuha, okusoma ku Qur'an, okussaddaaka, etc.

6) Okunoonya n'okufuna okumanya (al-ilm - knowledge) ku Ibādah eno;
Bannyinaze musobola bulungi nnyo okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwammwe eri Jihād bwe muba nga mwenyweerezza ku kkubo ly'okunoonya n'okufuna (okusoma) okumanya (ilm) okwenjawulo okukwatagana ne Ibādah eno kubanga yo nga yo kulwaayo ngazi, era nga okuviira ddala mu Qur'an al-Karim, Sunnah, ne mu bitabo by'abamanyi abakulembera okutuusizza ddala ku b'omulembe guno Ibādah ya Jihād Fe Sabeelillah eriko ebigambo, ebitabo, obujulizi, n'ebilala bingi nnyo. Gwe obadde okimanyi nti Suurat Muhammad (47)

ye Suurat al-Qitaal (ekitegeeza 'Okulwana'). Kale kya bbeeyi nnyo eri omukkiriza yenna okubeera nga yewaayo (ebiseera, amaanyi, ebirowoozo, emmaali, amagezi, na buli kimu kyonna ky'alina) atuule wansi afune ilm ku nsonga eno, okugeza Aqeedah ne Fiqh ya Jihād, Ayāt ne Ahādith ezogera ku Jihād, ebyafaayo by'entalo z'eddiini (Maghaazi) okuviira ddala ku mulembe gwa Imām w'aba Mujāhideen Muhammad (Swallallāhu 'alayhi was-Sallama) okutuusizza ddala ku ntalo ezigenda mumaaso kati nga mu Chechnya, Somalia, Syria, Iraq, Yemen, Afghānistān, n'awalala wangi. Kubanga mu kumanya ebyafaayo by'entalo ezo awamu n'embeera eriwo mw'ezo ezikyagenda mumaaso olwo lwokka lw'ojja okusobola okumanya; obukulu bwa Jihād, entambula n'entambuza yaayo, Jihād enfu n'entuufu, baani bannannyini yo (ba Mujāhideen) era baani abajeerimbikamu, obuzibu n'obwangu bwaayo, omulabe y'ani era enkola/enkwe ze awamu ne banne, obunnaanfuusi (Nifaq) n'abannaanfuusi (Munafiqeen), kiki ekisooka era kiki ekikulu mu byonna, ensonga ezibuzabuza (Shubuhāt) ezi saasanyizibwa omulabe n'abo ab'eyita ba Shaykh, ddala Aqeedah n'Obusiraamu obutuufu bwe buliwa, n'ebilala nkumu. Era kirungi nnyo okubeera nga n'awe ilm gy'ofunye (yadde akatono) obutagituulira wabula saasanya mu ngeri esaanidde nga tolina n'omu yenna gw'otya yadde ekintu kyonna okujjako Allāh (Subhāna wa Ta'āla) Yekka.

Tusaba Allāh atugabirire abakyala abalongoofu, ba Mujāhidāt, abanyweevu abanatuzaalira abaana abalongoofu era abalwanyi mu Kkubo Lye.

Twetonda ku lwa Allāh kunsobi eziri mu kitabo kino

Temutwerabira mu dduwa zammwe.

Era okukowoola kwaffe okusembayo, Amatendo gonna ga Allāh era Okusaasira n'Emirembe gya Allāh gibe ku Mubaka We, abantu be ne ba Swahābah be.

وَاللَّهُ غَالِبٌ عَلَى أَمْرِهِ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ